

# Obufumbo

## Ekigendererwa kya Katonda n'Enteekateeka ye

RUNE ZAHL-OLSEN
ILLUS.: VIVIAN ZAHL OLSEN

# Obufumbo

Ekigendererwa kya Katonda n’Enteekateeka ye

© Rune Zahl-Olsen, omuwandiisi w’ebitabo. Twesigaliza obuyinza ku kufulumya ekitabo kino oba ekitundu kyakyo kyonna.

Ebifaananyi: Vivian Zahl Olsen

Ekitabo ekisooka ekyafulumizibwa mu Lunorway nga kyafulumizibwa Proklamedia © 2018

Omutwe gw’Olunorway: Hva er et ekteskap ... egentlig?

Ekitabo ekisooka ekyafulumizibwa mu Lungereza nga kya Proklamedia

ISBN 978-82-7199-638-3

Ebyawandiikibwa byonna ebijuliziddwa, okuggyako nga kiragiddwa bulala, biggyiddwa mu Baibuli Entukuvu.

LUGANDA BIBLE 052PL

ISBN 978-9970-51-000-9

©United Bible Societies 1968

Ekitabo kino osobola okukifuna ku bwereere mu nnimi eziwerako okuva ku kibaja kyaffe ku mutimbagano Osobola n’okusanga ebikozesebwa mu kusomesa n’ebibuuzo ebiri ku mukutu guno okukuyamba okufumiitiriza ku buli ssuula.



# Obufumbo

## Ekigendererwa kya Katonda n’Enteekateeka ye

RUNE ZAHL-OLSEN

EBIFANANYI: VIVIAN ZAHL OLSEN

PROKLAMEDIA

# Weebale

Njagala okwebaza Katonda olw’obulamu, okuluŋŋamizibwa, obunyiikivu, n’okugumiikiriza. Ekiddako, njagala okwebaza mukyala wange ow’ekyewuunyo n’abaana baffe abasatu. Era njagala okwebaza abo bonna abawadde endowooza ez’omuwendo mu nkola yonna ey’okuwandiika ekitabo kino. Nga mmaliriza, nandyagadde okuwa okwebaza okunene ennyo ssenga wange Vivian olw'ebifaananyi byonna ebiri mu kitabo kino.

DECEMBER 2023, RUNE ZAHL-OLSEN

# Ebirimu

Okwanjula 6

1 · Ettoffaali Erizimba Embeera y’abantu mu Kitundu 9

2 · Enkolagana 15

3 · Endagaano 35

4 · Ekifaananyi 44

5 · Akabonero 63

6 · Olutalo 71

Okufundikira 79

# Okwanjula

Olunaku lumu olw’akasana mu Gwomukaga 1994, mu maaso g’omusumba wange, ab’omu maka gange, n’emikwano, nasuubiza okwagala n’okussa ekitiibwa mu Agnes okutuusa okufa lwe kulitwawukanya. Twafuuka abafumbo ku lunaku olwo, era mu kiseera ekyo nnalowooza nti obufumbo bukwata ku ffe ababiri N’okwagalana kwawaffe, nga bwe kyali eri abaagalana abalala abasinga obungi mu ekitundu kyaffe eky’ensi. Okwogera amazima, nze nnali nsinga kufaayo kuffe ababiri ku lunaku olwo. Endowooza yange ekyuse, era nkitegedde nti obufumbo bwaffe bukwata ku bintu bingi nnyo n’okusinga ku ffe ffembi.

Bayibuli etandika era n’ekoma ne mbaga, era wakati awo eyogera bingi ku bufumbo. Yesu yeeyogerako nga omugole omusajja, era ffe abamugoberera twogerwako nga omugole. Yesu yatuuka n’okusalawo okukola ekyamagero kye ekyasooka, era bw’atyo n’atandikira obuweereza bwe, ku mbaga. Tekiyinza kuba kya butanwa nti embaga era, okugaziya, obufumbo buweebwa ekifo eky’okumwanjo bwekityo mu Baibuli. Kino kireeta ebibuuzo bibiri: Ekigendererwa kya Katonda n’enteekateeka y’obufumbo kye ki? Lwaki obufumbo bwe buba Bukulu nnyo? Mubiseera bino okutegeera kiki obufumbo kyebuli wekusoomoozedwa ennyo (naddala mu nsi z’amawanga g’abazungu), eby’okuddamu eri bibuuzo bino kikulu nnyo. Ennyonyola y’obufumbo efuuse mbi nnyo, ng’ekwatibwako omuwendo gwabo abaawukana, endowooza y’oluvannyuma ey’omulembe guno, amateeka agakyusiddwa, n’emikolo

gy’ekkanisa egikyusidwa. Mpulira nga mpaliriziddwa okuwandiika ekitabo ekitannyonnyola nsonga ezeeyoleka zokka naye era nezisingako obuziba lwaki Katonda yassaawo obufumbo. Era mpandiika okulaga nti olutalo teruli ku bufumbo bwo oba bwange bwokka, wabula ku bufumbo nga ekitongole mu bantu. Omugongo gw’ekitabo kino y’enzikiriza enkulu nti Baibuli kye Kigambo kya Katonda ekyaweebwa abantu, nti tekirina nsobi, era nti musingi munywevu awatali kulowooza ku buganzi bwagwo mu buwangwa obw’omulembe guno. Singa mbadde wa kusinziira ku ndowooza yo bufumbo mulembe guno, wandibadde osoma ekitabo kya njawulo ddala. Ekintu kye kimu kyandibadde kituufu singa eddini ey’eddembe mu kutaputa Baibuli nga ye yali omusingi. Kyokka ekitabo ky’osoma kyetegereza Bayibuli nga Ekigambo kya Katonda ekitaliiko nsobi era nga kirimu ebigambo bingi ebijuliziddwa mu Byawandiikibwa. Ekigendererwa kyange kwe kutuusa eri bannange ab’omulembe guno ekyo Baibuli ky’eyogera ku kigendererwa ky’obufumbo ekya Katonda ekyasooka.

Ekitabo kino tekijja kukubuulira by’olina okulowoozaako nga tonnafuna bufumbo oba okuleeta okusoomoozebwa okwa bulijjo abafumbo kwe boolekagana nakwo n’engeri gye balina okukukwatamu. Nze nkuwa amagezi okusoma ekitabo ekirala, okugenda ku wiikendi y’abaagalana, oba okutwala omusomo gw’abaagalana okumanya ebisingawo ku ekyo.

Mu kitabo kino, njagala okwanjula ekigendererwa kya Katonda ekyasooka n’obufumbo era, okugaziya, obufumbo kye buli leero. Ojja kuzuula bangi kye batanategeera: nti obufumbo n’embaga bikola kinene nnyo mu Baibuli ne mu byafaayo eby’okununula ebya Katonda. Ekirala, ojja kuzuula nti

obufumbo gematofaali agaziimba ekizimbe ky’ekibiina ky’abantu, enkolagana, endagaano, ekifaananyi, akabonero, n’olutalo. Ka ntandike n’ekisooka ku bino: obufumbo ng’amatofaali agazimba embeera y’abantu b’omukitundu.

# 1.
# Ettoffaali Erizimba Embeera y’abantu mu Kitundu

Obufumbo gwe musingi omukulu Katonda gwakozesa okuzimba ekitundu. Ekigendererwa ekyasooka eky’obufumbo wakati w’omusajja n’omukazi kyali nti kyandivuddemu okufuna olubuto n’okuzaala abaana, olwo abaali bagenda okukulira mu maka agataliimu bulabe era amalungi gye baali basobola okuyiga okubeera obulungi. Engero 22:6 wagamba nti: ”Manyiiza omwana omuto mu kkubo erimugwanira okutambulirangamu, Awo newankubadde nga mukadde talirivaamu.” (KJV) Ekigendererwa kya Katonda nga bwe nkitegedde, kyali nti obukadde n’obukadde bw’abaana bandikuze ne bafuuka abeekakasa era abantu abalungi abakulu mu ngeri eno; nga batwaala mu maaso eneyiisa ennungi, amagezi, n’okukkiriza mu bufumbo obupya n’oluvannyuma nebigenda mu mulembe oguddako.

Amaka gano awamu gandibadde gakola ebibiina , abantu b’ekitundu, n’amawanga. Obukulu bw’obufumbo mu kukolebwa kwekitundu kussiddwako akabonero mu kutondebwa kw’omusajja n’omukazi, Katonda gyeyatandira obufumbo (Olubereberye 1 ne 2).

Obukulu buno oluvannyuma bukakasibwa mu lugero lwe tusoma nti obubi ku nsi bwakula n’okutuuka ku kigera nti

Katonda yali ayagala kuddamu kutandika buto. Njogera ku lugero olukwata ku Nuuwa n’amataba (Olubereberye 6–9).

Mu kitundu kino, tusoma nti Katonda yalonda abantu munaana okutandika obuntu bwonna nate. Singa nnalina okulonda abantu munaana bokka obuntu mwe bwandizzeemu okutandika, nze okusalawo kwange kwandisinzidde ku kumanya kwabwe n’obusobozi bwabwe. Nze ddala ddala nandibadde ndowooza ku ky’okulonda omuyizzi basobole okuba n’ennyama. Era kyandibadde



kikulu nnyo okuba n’omulimi ategeera obulungi okusiga n’okukungula. Omubazzi yandisobodde okuyigiriza abalala engeri y’okukuzimba amayumba mu ngeri entuufu. Olw’okuba wandibaddewo abantu bangi, olw’enkuyanja y’abantu, munnamateeka yandibadde yetaagisa okugonjoola obutakkaanya. Nzikiriza nti nnandikozesezza ensonga ez’ekika

kino singa nali wa kulonda abantu munaana ssekinnoomu abagenda okufuna omukisa okuddamu okutandika obuntu bwonna.

Bintu ki byewandisimbyeko essira singa obadde wakulonda abantu munaana ssekinnoomu okuddamu okutandika obuntu? Mazima ddala Katonda yalina ebintu byanjawulo nnyo byeyakulembeza okusinga ebyo bye nnaakawandiika. Tebaali bantu munaana abasinga amaanyi, abasomye, oba ow'obuyinza; wabula, baali bantu munaana abaali bakwatagana okuyita mu nkolagana y'amaka.Baali maka nga galimu abafumbo bana! Baali Nuuwa, mukazi we, ne batabani baabwe abasatu ne bakazi baabwe (Lub 6, 7). Kya lwatu nti amaka n'obufumbo byamugaso nnyo eri Katonda. Kyeraga bulungi nti Katonda yasinga okussa essira ku bufumbo buna okusinga ekintu ekirala kyonna mu kutandikawo ekibiina ekipya. Kiyinza okulabika nga ekyewuunyisa, naye Katonda ateekwa okuba nga yalina ensonga ennungi lwaki yasalawo okukikola mu ngeri eno. Kino kitutuusa ku kibuuzo kino: lwaki yalonda abafumbo bana?

Katutunuulire Amateeka Ekkumi tulabe oba tusobola okusangayo obubonero bwonna. Tugasanga mu Okuva 20. Tusanga akabonero akalaga obukulu bw'obufumbo mangu nga ekiragiro ekyokubiri, ekyogera ku butabeera na bakatonda balala.

Olunyiriri 5 ne 6 lusoma bwe luti: "Kubanga nze Mukama Katonda wo ndi Katonda buggya, abiwalana ku baana ebibi bya bajjajja baabwe okutuusa ku mirembe egy'oku bannakasatwe ne ku bannakana egy'abantu abankyawa; era addiramu abantu nga nkumi na nkumi abanjagala, abakwata amateeka gange"

Ekintu kye tusooka okwetegereza okuva mu kitundu kino eky’ekyawandiikibwa kiri nti ebikolwa byaffe tebikwata ku ffe ffekka wabula n’emilembe mingi oluvannyuma lwaffe. Kino kirowoozo ekitali kya bulijjo, waakiri mu kiseera kino nembeera z’amawanga ag’abazungu. Wano, tutera okulowooza nti okusalawo kwe tukola kukwata ku ffe ffekka mpozzi n’abatono ku abo abatwetoolodde. Kyokka, okunoonyereza kulaga nti okugattululwa tekukosa bafumbo bokka n’abaana baabwe naye n’ab’omu maka gaabwe amanene, mikwano gyabwe, n’abantu mu kitundu. Okugatta ku ekyo, kusiigibwa. Omulembe gumu gukikwata okuva ku mulala, ekitegeeza nti ffe abalina abazadde abaawukana tulina emikisa mingi okulonda ekkubo lye limu.[1] Kisiigibwa ne mu b’emikwano, baliraanwa, n’abo be bamanyi.

Abanoonyereza baakizula nti obulabe bw’okuyita mu kugattululwa mubufumbo bweyongerako ebitundu 33% singa abamanyi (mikwano gy’amikwano) abayawukana era kye yeeyongera ebitundu 75% singa emikwano egy’oku lusegere gifuna okwawukana.[2] Mu bitundu byaffe eby’okulowooza ku muntu kinnoomu, kizibu n’okutegeera- obunene bw’ebikosa bino ebituuka ewala. Ku bangi ku ffe, kyandibadde kiwanvu okulowooza nti okusalawo kwaffe tekukosa maka gaffe gokka naye n’amaka amalala, abaana, obumu bw’Abakulistaayo tugendamu, n’ebitundu bye tubeeramu.

Amazima ddala si kya bulijjo okulowooza ku biyinza okuddirira oluvannyuma lw’okufa kwaffe, nga bikosa abo abatannazaalibwa, nga ennyiriri zombi mu Okuva 20 bweziraga obulungi. Naye era, nkikkiriza okusalawo ku bikwata ku bufumbo n’amaka kulina ebikuvaamu okumala ebbanga ddene eriddirira.

Kisaanidde okumanyibwa nti Katonda assa nnyo essira ku mikisa okusinga okukolima mu nnyiriri ebbiri okuva mu Okuva. Emirembe okutuuka ku ena gikosebwa ekibi, naye emirembe lukumi gikwatibwaako olw'okusalawo okulungi. Obufumbo bulagibwa mungeri eteri ya butereevu mu kitundu kino, naye tebwogerwako mu lwatu. Kyeyoleka bulungi eri omusomi nti emirembe emiggya giva ku musajja n'omukazi okufumbiriganwa n'okuzaala abaana. Kyangu okutegeera lwaki Katonda yenyigira mu kwegatta kuno okutukuvu, okufuula ababiri omu, nga Yesu bw'agamba (Mat 19:6), bwe tulowooza nti buli bufumbo bukwata ku mirembe lukumi egiddako. Akimanyi nti tekikosa ababiri bokka wabula n'emirembe lukumi egiddako. Akimanyi nti bagenda kwetaaga obuyambi.

Katonda tayagala baana bakule nga tebalina mbeera etegerekeka obulungi era ey'obukuumi oba enkolagana ey'oku lusegere ne bazadde baabwe. Ayagala Emikago egyesigika, Katonda gy'alimu abatuukiriza empisa ze mu bulamu bwabwe. Obufumbo bwe buzimbe obw'obutonde obuzimba emikago egyo. Ekintu ekiggya ennyo kitondebwawo ng'abantu babiri abakulu basazeewo okukola abafumbo. Ekintu ekiggya ddala ekitabangawo kitandika okubeerawo, era enkolagana wakati waabwe y'ekola

Obufumbo obwo bwali tebuliiwo nga olunaku lw'embaga terunnatuuka, era obufumbo obwo bwennyini busobola okubaawo wakati w'abo bombi bokka. Ku lunaku olwo baafuuka omu, naye era ekyo tusobola okukyogerako nti abantu babiri ssekinnoomu baayingidde ekizimbe ky'ekkanisa era nti abantu basatu ssekinnoomu baavuuddemu. Tebakyali bantu babiri bokka, wabula omusajja, omukazi, n'obufumbo. Ekibiina kino

—obufumbo —kirina obulamu bwakyo obw’enjawulo. Obufumbo buyinza okuba obw’amaanyi oba obunafu; busobola okuba obuto oba obukulu, obukooye oba obuzze obuggya. Buyinza okuba nga bukulaakulana oba obulumwa enjala. Mu ngeri yonna, kye kibiina ekisigalawo —ekibiina ekifuuka omusingi gw’emirembe egijja. Abantu abamaliriza nga bamenya omukwano ogw'engeri eno bakizuula nti newankubadde nga bombi tebakyabeera wamu, ekibiina ekituufu kyeyongera okubeerawo. Sissel Gran, omukugu omukulu mu kuwa amagezi g’obufumbo era omuwandiisi w’ebitabo mu Norway, awandiika nti osobola okwawukana ne balo, naye tosobola kusaanyawo nkolagana.[3] Enkolagana tegwaawo, ne bwe kiba nti oluusi ekyo abantu abaawukana kye baagala okusinga byonna.

# 2.
# Enkolagana

Mu bufumbo mulimu abantu babiri, n’olwekyo kyangu okutegeera nti enkolagana yeetaagibwa. Abantu bano bombi balina okukolera awamu ku mirimu egy’omugaso ng’okugula ebintu n’okufumba nga kwotadde n’okukuza abaana. Kisukka ku kukolagana wakati w’abantu bano ababiri; nkolagana wakati w’ababiri bano ne Katonda. Singa obufumbo tubutwala nga enkolagana wakati w’abantu babiri ababulimu, tuba tubutadde wansi nnyo okusinga bwe byali bugendereddwa.

Kulubereberye, omusajja, omukazi, ne Katonda baabeeranga wamu mu Lusuku Adeni. Tewaaliwo nsonyi, kibi, wadde okuswala okubaawukanya. Mu kuberawo kwa Katonda, Adamu ne Kaawa baali mu bulamu obutaliimu kweraliikirira. Baali bakolera wamu mu

*Naye nze n’ennyumba yange, ffe tunaaweerezanga Mukama.*
*Yoswa 24:15*




mulimu Katonda gwe yabawa: ”Mweyongere mwalenga; mujjuze ensi era mugirye. Mufugenga eby’omu nnyanja, n’ebibuuka waggulu, na buli ekirina obulamu ekitambula ku nsi” (Lub 1:28) Adamu ne Kaawa bombi beyongera mu kutegeera ensi gye baali babeeramu. Banyumirwanga nnyo buli omu munne mu by’okwegatta nga bayita mu kiragiro eky’okweyongera.

Baali bamanyi nti Katonda yali waali mu lusuku. Ekiseera kyonna, baalinga bamubuuza ebibuuzo byabwe oba okumusaba obuyambi singa waliwo kye baali batasobola kwekolera.

Okuyingira mu kibi tekyali kya kulya kibala ekitaziyizika, naye kwali kwetaba mu mbeera eyali esikiriza nnyo omusota gye gwannyonnyola bwe bandibadde singa baali balidde ku kibala ekyo. Omusota gwabasuubiza nti baali bakufuuka nga Katonda, ekintu omusota kye gwali gwamala edda okulaba nti tekisoboka oluvannyuma lw'obulumi bwe gwayitamu. Awo Adamu ne Kaawa ne babuulirwa nti baali bakuyiga okwawula ekirungi n'ekibi, bafuuke abeetengeredde okuva ku Katonda.

Baakola okusalawo okw'akabi ennyo. Baali bamaze ennaku nga basanyukira okutambula ne Katonda buli lunaku. Baali bamaze okuwoomerwa eddembe eryannamaddala n'essanyu. Buli kintu kyali kimaze okuba ekyabwe, naye ku lunaku olwo baaleka okwesiga Katonda n'amateeka ge amatuukirivu. Baalowooza nti be baali basinga okumanya ekituufu. Katonda yali agambye nti basobola okulya ku bibala byonna, okuggyako ekibala okuva ku muti ogwali wakati mu lusuku. Ensobi yaabwe kwali kulowooza nti bebaali basinga okumanya era nti baali tebaakyetaaga Katonda kubakugira, kuluŋŋamya kwe wadde

amateeka ge agakuuma. Tebaakoma ku kufiirwa ddembe lyabwe na kubeera na mukwano ogw'ekimmemmette ne Katonda, naye era baaggulawo ekkubo erituusa buli omu ku kwerowoozaako yekka. N'ekyavaamu, okukolagana okutaliimu bukuusa kwawanyisibwamu buli omu kulafuubana kwefaako yekka omuli okukyawa, ensonyi, okutya, n'obwannamunigina.

Amaka mangi galemererwa olw’ensonga y’emu. Bava ku Katonda ne ku bannaabwe ne beerowoozaako bokka. Omuntu bw’afuula ebyetaago bye n’ebyo by’alowooza okuba ekikulu, obufumbo buba tebukyali nga Katonda bwe yabuteekateeka bube. Bayibuli eyogera bulungi ku kino mu kitabo ky’Omubuulizi 4:9–12:

> *Babiri basinga omu, kubanga bafuna empeera ennungi olw’okukola kwabwe: Omu ku bo bw’agwa, munne ayinza okumuyimusa. Naye zimusanze oyo agwa nga talina amuyamba! Era, babiri bwe bagalamira awamu, babeera babuguma. Naye omuntu omu ayinza atya okubuguma yekka? Newaakubadde omuntu omu ayinza okuwangulwa, babiri bayinza okwekuuma. Omuguwa ogw’emiguwa esatu tegwanguwa kukutuka.*

Kino tuyinza kukivuunula tutya? Kigamba nti kirungi okubeera ababiri era nti waliwo amaanyi n’enkizo mu butabeera wekka. Amaanyi go bwe gaba tegamala, osobola okunywezebwa mu nkolagana n’omuntu omulala. Ate era, kitegeeza nti osobola okufuna okubuguma wadde nga obulamu buyinza okuba obunnyogovu era osobola okufuna omukwano ogw’ekimmemmette n’enkolagana okusinga

okwekutula ku balala. Mu miyaga egy’amaanyi okusinga omuntu omu bw’asobola, mujja kusobola okuyimirira nga abawanguzi nga muli wamu. Olunyiriri olusembayo luteeka byonna ku ddaala erya waggulu bwe luleetamu ensonga ey’okusatu. Omuyondo ogw’okusatu guno kye ki, oba ye ani? Ye Katonda!

## Enkolagana wakati wa Katonda n’abantu

Bayibuli ennyonnyola obufumbo ng’enkolagana wakati wa Katonda n’abantu. Bagatiddwa wamu bulungi, ng’omuguwa bwe gukolebwa n’obuwuzi obuwerako obwegatta okusobola okusiba omugugu. Omuguwa gukolebwa nga bagatta wamu obuwuzi bungi nebabulanga. Bwe gukolebwa bulungi, omuguwa ogwo guba n’amaanyi agasitula agasinga ku ga buli kamu ku buwuzi obugattiddwa awamu. Mu kifaananyi ky’omuguwa ogw’emiyondo esatu, tulabamu ekifaananyi kya Katonda ali mu busatu. Mu bufumbo, omwami, omukyala, ne Katonda bakolera wamu nga Kitaffe, Omwana, n’Omwoyo Omutukuvu bwe bakolera awamu. Obumu buno okusobola okukola nga bwe busaanidde, abafumbo bombi balina okumanya Katonda era babe n’obwesige mu nkolagana yaabwe naye. Naye kino si bwe kiri mu bufumbo bwonna.

Omuyondo guno ogw’okusatu—Katonda—gwegatta gutya mu bufumbo? Ayingira mu bufumbo nga bamuyise oluvannyuma, oba abeera mu bwo okuva ku ntandikwa? Yesu awa eky’okuddamu ku kibuuzo kino bwe yali ayogera ku nsonga y’okwawukana mu bufumbo. Omuntu omu mu kibiina yamubuuza oba okwawukana mu bafumbo kukkirizibwa olw’ensonga yonna, Yesu n’addamu nti:

> *Temusoma nti oyo eyabakola olubereberye nga yabakola omusajja n'omukazi, n'agamba nti Omuntu kyanaavanga aleka kitaawe ne nnyina, yeetabe ne mukazi we; nabo bombi banaabanga omubiri gumu? obutaba babiri nate, naye omubiri gumu. Kale Katonda kye yagatta awamu, omuntu takyawulangamu. (Mat 19:4-6).*

Yesu agamba nti Katonda yennyini ayingira mu mukolo gw'obufumbo n'agatta abantu babiri ne bafuuka omuntu omu. Katonda abaddewo okuva ku ntandikwa era ye gwe muyondo ogw'okusatu mu muguwa. Bangi basobola okuwa obujulizi nti Katonda ye yali omuyondo ogwakwatirira obufumbo bwabwe mu biseera eby'obuzibu mu bulamu, mu biseera ebyo nga emiyondo emirala ginafuye era nga baali baweddemu essuubi n'okwagalana bokka na bokka.

Kino kireetera omuntu okwebuuza lwaki Katonda yandyenyigidde mu by'obufumbo, enkolagana wakati w'abantu ababiri. Namaze dda okwogera nti Katonda amanyi ekisinga obulungi, si ku bikwata ku kiseera kino ekya kaakano kyokka naye ne ku biseera eby'omu maaso. Katonda amanyi nti ekigendererwa "ky'obumu" bw'omusajja n'omukazi kigenda wala nnyo okusinga abantu ababiri abaagalana. Amanyi nti buli bufumbo tebukwata ku bantu ababiri abafumbiriganwa bokka naye bukwata ne ku maka gaabwe, ezzadde lyabwe, n'emirembe egy'omumaaso, n'abantu bonna okutwaliza awamu. Katonda ayingira mu bufumbo kubanga gwe musingi gwa buli ggwanga n'ekkubo omuyisibwa emikisa oba ebikolimo.

Bayibuli etandika n'obufumbo. Adamu ne Kaawa be baali abafumbo abasooka, era obufumbo bwabwe y'ensibuko y'abantu bonna.

Obufumbo bwebuba nga butandika, Katonda afuula abantu ababiri okuba omuntu omu, era asigala nga ali kitundu ku bufumbo obwo buli lunaku oluddako. Katonda akuuma obufumbo, okugeza ng'ateekawo ensalo ennungi. Mu mateeka ekkumi, waliwo amateeka asatu ag'enjawulo Katonda g'akozesa okukuuma obufumbo. "Ossangamu ekitiibwa kitaawo ne

nnyoko” ly’etteeka erisooka (Okuva 20:12). Oyinza okulowooza nti etteeka lino terikwata ku bufumbo, naye libukwatako nnyo! Mu ntegeera ya Bayibuli n’eby’edda, maama ne taata baabanga bafumbo. N’olwekyo, etteeka lino litegeeza nti tusaanidde okussaamu ekitiibwa abafumbo bano, abazadde baffe. Kino kyogera ku bazadde baffe ababiri abaazaala abaana, abeewayo obulamu bwabwe bwonna buli omu eri mune. Mazima ddala, ne bwe kiba nti twazaalibwa okuva mu mbeera ey’ekiseera ekitono oba obutali bufumbo, tulina okussaamu ekitiibwa bazadde baffe. Naye ekigendererwa eky’olunyiriri luno kwe kulaga nti tusaanidde okuwa ekitiibwa abafumbo abaazaala abaana, nga naawe wali omu ku bo.

Kikulu nnyo okumanya nti lino lye tteeka lyokka eririko ekisuubizo: “ennaku zo zibe nnyingi ku nsi.” Tumanyi nti eggwanga eririna obufumbo obunywevu n’amaka amalungi liba n’embeera ey’emirembe era etasigululikika mangu. Kino bwe kityo bwe kibadde bulijjo. Ekitabo kino kijja kukuwa ezimu ku nsonga ezinnyonnyola lwaki bwe kiri bwe kityo.

Okussaamu ekitiibwa, okukuuma, n’okufuba okutaasa obufumbo bwe buvunaanyizibwa Katonda bw’atuwa ffenna, so si bw’abo abafumbo bokka. Abaebbulaniya 13:4 wagamba nti: “Okufumbiriganwa kwa kitiibwa eri bonna.” Weetegereze nti kigamba “bonna.” Tusaanidde okussaamu ekitiibwa obufumbo, oba nga tuli bafumbo oba nedda. Buli muntu asaanidde okukikola. Mu kiragiro ekyaweebwa mu Okuva 20:12, Katonda assa nnyo essira ku kuwa ekitiibwa abo abaatukulembera, omulembe ogwatusooka.

Katonda addamu okussa essira ku bufumbo bwaffe oluvannyuma lw’amateeka abiri agaddako. Okusinziira ku

tteeka lino, tetulina kwenda (Okuva 20:14). Tekigamba nti kirungi obutayenda oba nti tusaanidde okugezaako okwewala okwenda. Katonda ayogera bulungi era mu butangaavu awatali kifo kya kugezaako kuteebereza. Toyendanga!

Katonda ayongera okukitegeeza obulungi oluvannyuma lw'amateeka nga gaago bw'agamba nti, "Teweegombanga mukazi wa munno" (Okuva 20:17). Etteeka lino likuuma obufumbo mu ngeri bbiri. Ekisooka, likuuma obufumbo bw'omuntu ye yennyini. Ekyokubiri, likuuma obufumbo bw'omukazi omulungi ayinza okwegombebwa abasajja abalala. N'olwekyo, etteeka lino likuuma obufumbo bwa bombi. Mu ngeri y'emu, omukazi naye tasaanidde kwegomba bba wa mukazi munne. Etteeka lino lyogera nnyo ku kwegomba okw'ekikaba, naye okwegomba kulina n'engeri endala gye kweyoleka. Tuyinza okwegomba obuyinza oba ssente, era ndowooza nti tuyinza n'okuba n'okwegomba okw'ensonga z'enkolagana. Abakyala abamu bayinza okwegomba abasajja be balaba nga banjulukufu nnyo era nga kyangu okwogera nabo okusinga bannaabwe be bali nabo mu bufumbo. Kino kye kiyinza okuyitibwa okwegomba okw'enkolagana.

Amateeka asatu ku kkumi gaateekebwawo mu ngeri ey'enjawulo okulabirira n'okukuuma obufumbo. Ekyo kitundu kinene nnyo. Amawanga mangi tegayinza kuwa bitundu 30% eby'amateeka gaago kukuuma bufumbo.

## Enkolagana wakati w’abantu babiri

Obufumbo era buba kukolagana wakati w’abantu babiri. Abantu abalina enneeyisa ez’enjawulo, obumanyirivu obw’enjawulo, obusobozi, empisa n’obuwangwa eby’enjawulo beegatta okukolera awamu mu ngeri ennungi. Ekitundu ky’obulamu bwange nkimaze mu bifo eby’ensi omukyali okukozesa ensolo okulima n’okukola emirimu emirala emizito mu nnimiro. Ente bbiri oluusi n’oluusi zikolera wamu okulima wadde nga omulimu gwandibadde muzibu eri ente emu. Zambazibwa ekikoligo ekigatta ente zombi ku kyuma ekirima. Ebikoligo ebimu birina ekifo awali amayungiro awagattirwa nga era omulimi asobola okutegeka obuzito okulaba nti ente ey’amaanyi y’esinga okusika. Ente esinga amaanyi nga ebeera n’enkumbi okumpi n’oludda lwayo okusinga ente ennafu. Mu ngeri eno, omugugu ogusinga obuzito guteekebwa ku nte esinga amaanyi.

Eno y’engeri obufumbo nabwo gye bulina okutambulamu. Okusobola omwami n’omukyala okukozesa obuwufu bwabwe obw’enjawulo mu ngeri ennungi, emirimu girina okugabanyizibwa nga bwe kisaanidde. Omuntu yenna asinga amaanyi mu kintu ekimu ateekwa okukola ekisinga obuzito mu kintu ekyo. Oluusi amaanyi g’abantu gaba mu bintu eby’enjawulo; n’olwekyo okukolagana kitegeeza buli omu okubeera n’obuvunaanyizibwa mu kitundu kye. Mu bufumbo obumu, oba mu biseera ebimu eby’obufumbo, omu ayinza okuba n’amaanyi mangi okusinga munne, kumpi mu bintu byonna. Omufumbo omu ayinza okuba nga alina obulwadde obumulemesa okukola ebintu ebisinga. Mu mbeera ng’eyo, kiba kya butonde nti ow’amaanyi yeetikka omugugu ogusinga

obunene. Abamu bayinza okulaba kino ng’obutali bwenkanya. Bwetuba tukkiriza nti obufumbo kubeera kugabana mirimu kyenkanyi, mubutuufi tekiba kya bwenkanya. Kyokka obufumbo ne bwe buba bwa kukolagana, ekyo tekitegeeza nti kiba 50% ku ggwe ne 50% ku nze. Okubeera n’omufumbo omu ng’awaayo kingi mu butuufu kitundu ku ekyo obufumbo kyebuli. Ekirowoozo kiri nti buli omu yewaayo 100% . Bw’ogamba nti buli omu bw’aleeta 50 ne munne 50 oba oyawuddemu obumu bw’ababiri. Nja kudda ku nsonga eno mu ssuula “Endagaano.”

Singa okukolagana kuba kwa kubeera kunaakola, tewasobola kubaawo njawukana nnene nnyo mu bintu ebikulu eby’obulamu. Singa ente bbiri zinayambagana okulima, zirina kutambula nga zidda ku ludda lumu. Okusobola okukuuma okukkiriza kw’Abayudaaya, Katonda yabagaana okuwa abaana baabwe mu bufumbo eri ab’amawanga amalala abaasinza bakatonda abalala (Ezera 9:12). Mu ngeri y’emu, Pawulo awa amagezi agafaananako bwe gatyo gye tuli ng’Abakristaayo:

> "*Temwegattanga wamu na batakkiriza, kubanga tekibasaanira mmwe. Kale obutuukirivu butabagana butya n'obujeemu? Oba ekitangaala kitabagana kitya n'ekizikiza?*" *(2 Bak 6:14 )*

Obufumbo okusobola okukola nga bwe bugendereddwa, abafumbo bombi bateekwa okuba n’okutegeeragana ku nsonga enkulu ezisookerwako. Bayibuli ya The Message egamba bw’eti: “Temwegattanga n’abo abagaana Katonda. Obutuukirivu n’obukyamu biyinza bitya okukolagana? Ekyo si kwegatta; olwo lutalo.” John Gottman, omu ku bakugu abasinga okumanyika mu kunoonyereza ku nkolagana y’abafumbo, yawandiika nti: “Gy’emukoma okukkiriziganya ku nsonga enkulu ez’obulamu, gye kikoma okufuula obufumbo bwammwe obw’omuwendo,

obw’amakulu era mu ngeri emu obwangu.” [4] Wano alinawo omulamwa. Nga kya mukisa nnyo abafumbo bwe bakkiriziganya ku bibuzo eby’amaanyi eby’obulamu! Ekyo kifuula n’ebintu ebitono obutaba bizibu nnyo. 1 Abakkolinso 7 kyogera ku bufumbo. Mu ntandikwa, okwegatta kwogerwako ng’ekintu ekisanyusa abafumbo bombi, enkolagana ennyuvu. Enzivuunula ya The Message egamba bw’eti: “Obufumbo si kifo kya kuyimiriramu okulwanirira ‘eddembe lyo.’ Obufumbo kwe kusalawo okuweereza munno, mu buliri oba ebweru waabwo.” Ndowooza eno y’engeri ennungi ennyo ey’okunnyonnyola obufumbo. Obufumbo kwe kusalawo okuweereza munno.

Tusoma nti Katonda yatonda omukazi abe omubeezi w’omusajja. Abamu bataputa kino ng’ekikakkanya omukazi, nga bagamba nti yatondebwa kuba muyambi. Mazima ddala kisoboka okukivvuunula bw’otyo, naye era kyangu nnyo okukitegeera mu ngeri ey’enjawulo. Ani yafuna omuyambi? Omusajja yeyafuna. Lwaaki? Yali tasobola kusobola kwemalirira? Ekiddibwamu eky’amagezi kiri nti: Nedda, yali tasobola kubaawo yekka. Omusajja yeetaaga obuyambi. Sigezaako kunyooma musajja oba mukazi, wabula okubagulumiza bombi. Katonda yatonda ekitonde kye ekisinga obulungi, omukazi, okubeera omuyambi w’omusajja eyali yeetaaga obuyambi. Nsanga nga kino kiyamba okukijjukira bwemba nsoma Pawulo by’annyonnyola ku ngeri omwami n’omukyala gye balina okukolaganamu mu bufumbo. Abaefeso essuula 5, okutandikira ku lunyiriri 21 okutuuka ku 33, waliwo ekitundu mw’ayogera ku nsonga eno mu bulambulukufu. Atandika ng’agamba nti balina okugonderagananga olw’okussa ekitiibwa mu Kristo (olunyiriri 21). Balina okugonderagananga okukolagana kwabwe okusobola okuvaamu ebibala era

n’obufumbo bwabwe butambule nga bwe kyagendererwa. Guno gwe musingi gw’ebyo by’addako okuwandiika eri omusajja n’omukazi.

Oluvannyuma lw'okuteekawo ensonga y’okugonderagananga, Pawulo asooka kuwandiika akatundu akakwata ku bakyala n’oluvannyuma akatundu akakwata ku basajja. Emirundi mingi ebitundu bino biggyiddwa mu mulamwa ogw’awamu ne bikozesebwa okutambuza enteekateeka endala. Bulijjo jjukira nti okugonderagananga kwe kusooka. Ebitundu ebyogera eri buli omu mu bufumbo bijja luvannyuma lw’ekyo. Buli kimu kirina okusomebwa era kitegeerwe mu mulamwa ogw’awamu. Kkiriza mbikuyitiremu nga ngoberera ensengeka Baibuli gy’etuwa. Tutandikire ku kitundu ekyogera obutereevu eri abakyala:

> *Abakazi, muwulirenga babbammwe, nga bwe muwulira Mukama waffe. Kubanga omusajja gwe mutwe gwa mukazi we, era nga Kristo bw'ali omutwe gw'ekkanisa, bw'ali omulokozi ow'omubiri yennyini. Naye ng'ekkanisa bw'ewulira Kristo, n'abakazi bwe batyo bawulirenga babbaabwe mu buli kigambo (Bef. 5:22-24)*

Kino kwe kuddiŋŋanamu, okunnyonnyola okubuulirira okw’awamu okw’okugonderagananga. Abantu bangi basanga ekirowoozo ky’okugondera ng’ekizibu oba ekisoomooza.

Mu mbeera z’amawanga ag’abazungu, abantu bakuzibwa nga balina endowooza nti balina okukkirizibwa, okussibwamu ekitiibwa, era n’okutwalibwa ng’ekikulu bo n’ebyo bye balowooza. Emirundi mingi n’ekyo kiba tekimala kubanga abantu abasinga baba baagala ekigambo kyabwe kibe nga

ky’eky’enkomerero. Bwe batafuna ekyo, bawulira nga basibiddwa era nga baafiiriddwa eddembe lyabwe. Kale omukazi aba tanyoomereddwa ddala bw’agonda? Si bwe kyagendererwa. Nate, kikulu okusoma kino mu kitangaala ky’ebyo ebikikulembera n’ebyo ebikiddirira. Nga tekinnabaawo waliwo akatundu akoogera ku kugonderagananga, era oluvannyuma waliwo ennyiriri ezogera butereevu eri omusajja mu bufumbo.

> *Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, era nga Kristo bwe yayagala ekkanisa, ne yeewaayo ku lwayo; alyoke agitukuze ng'amaze okugirongoosa n'okuginaaza n'amazzi mu kigambo, alyoke agyereetere yennyini ekkanisa ey'ekitiibwa, nga terina bbala newakubadde olufunyiro newakubadde kyonna ekifaanana nga bino; naye ebeere entukuvu eteriiko bulema. Era bwe kibagwanidde bwe kityo abasajja okwagalanga bakazi baabwe bennyini ng'emibiri gyabwe bennyini. Ayagala mukazi we yennyini, yeeyagala yekka: kubanga tewali muntu eyali akyaye omubiri gwe yennyini, naye aguliisa, agujjaanjaba, era nga Kristo bw'ajjanjaba ekkanisa; kubanga tuli bitundu bya mubiri gwe. Omuntu kyanaavaaga aleka kitaawe ne nnyina ne yeegatta ne mukazi we; nabo bombi banaabanga omubiri gumu. Ekyama kino kikulu: naye njogera ku Kristo n'ekkanisa. Naye era nammwe buli muntu ayagalenga mukazi we nga bwe yeeyagala yekka; n'omukazi atyenga bba.(Bef 5:25-33)*

Omwami alagirwa okwagala mukyala we. Pawulo annyonnyola nti bwe twagala omuntu, kyeyoleka mu ndowooza, mu bigendererwa, ne mu bikolwa. Akozesa emirimu gya Kristo okunnyonnyola omwami engeri gy’ayolesamu okwagala kuno. Kino kirimu okukola enteekateeka —enteekateeka ez’okununula, okukuuma, okuwa omukisa, n’okuwa mukyala we

eby’okukozesa. Weeyise mu ngeri eraga omukazi nti ayagalibwa, wa mugaso, era asaanira okulwanirirwa. Omwami amusonyiwa bw’akola ekikyamu, bw’alemererwa mu kintu ky’ateekateeka okukola, oba ne bw’aba afuuse eyeefaako yekka. Ateekwa okumuyita mu mulimu ogusinga okuba n’ekigendererwa n’okumuyamba okutuukiriza ebintu bye yali talootangako nti asobola okubituukiriza. Akkiririza mu mukazi we era amussaamu ekitiibwa. Singa omukyala akola ensobi, aba mwetegefu okugumira ebivaamu. Mu ngeri ey’obulamu obwa bulijjo, kino munkola kitegeeza nti asobola n’okusasulira ebbanja ly’omukyala weyasimba mmotoka. Tasasula na mutima mubi, wabula na kisa wamu n’okusaasira.

Kitegeeza nti omusajja alina okwenyumiririza mu mukyala we ng’amwanjula n’essanyu, wamu n’okwogera ku birungi bye. Yogera ku birungi by’alina n’ebyo ebitannaba kulabika. Singa mukazi we alina ekintu ky’akyatawaana nakyo, omwami akola buli kiri mu buyinza bwe okumuyamba. Ng’ekyawandiikibwa kye twakasoma bwe kigamba, alina okuba omwetegefu n’okuteeka obulamu bwe mu kabi ku lulwe. Tasaana kulowooza nti mukazi we ebizibu by’alina bibye yekka era nti alina okubyegonjoolera. Baafuuka omuntu omu, era okuyamba mukyala wo kiba kyenkana kweyamba wekka. Alina okukola buli kisoboka okulaba nti mukazi we awulira nti ayagalibwa era akuumibwa. Ne bwe kiba nti ekyo kiyinza okwonoona erinnya lye, ekyo tekisaana kumulemesa. Era ne bwe kiba nga kitegeeza okugaana ebibye eby’enkizo oba bye yeegomba, n’ekyo tekisaana kulemesa kwagala mukazi we n’okumuteeka mu kifo ekisooka. Omwami alagirwa okwagala, era 1Abakkolinso 13:4–8 wannyonnyola okwagala okw’amazima kye kuli:

*Okwagala kugumiikiriza, kulina ekisa; okwagala tekuba na buggya; okwagala tekwekulumbaza, tekwegulumiza tekukola bitasaana, tekunoonya byakwo, tekunyiiga, tekusiba bubi ku mwoyo; tekusanyukira bitali bya butuukirivu, naye kusanyukira wamu n'amazima; kugumiikiriza byonna, kukkiriza byonna, kusuubira byonna, kuzibiikiriza byonna.*

Ebisuubirwa ebiteekebwa ku mwami bingi nnyo—bingi nnyo ddala okusinga omuntu by'asobola okutuukiriza yekka awatali buyambi bwa Katonda. Ani ayinza okwagala nga Yesu? Yaleka Eggulu n'afuuka ng'omu ku ffe. Awatali kwogera kigambo kyonna, yakubibwa emiggo egyali gigendereddwa ffe. Yawaayo obulamu bwe ku bubwe okutununula. Mu nnyiriri zino eri abasajja, Yesu ayimusibwa ng'ekyokulabirako. Mazima ddala waliwo eby'amaanyi ebisuubirwa ku basajja. Guno mulimu gwe tutasobola kukola fekka awatali buyambi bwa Katonda. Ebyo ebisuubirwa bituleetera okwesigama ku Katonda n'obuyambi bwe mu bulamu obwa buli lunaku. Kisanyusa okulaba nti waliwo ekisuubizo eky'enjawulo ekigattiddwa ku kutegeera, okuwa ekitiibwa, okuwagira, n'okuyamba munno mu bufumbo.

*Bwe mutyo, abasajja, mubeerenga n'abakazi bammwe n'amagezi, nga mussangamu ekitiibwa omukazi ng'ekibya ekisinga obunafu, kubanga nabo basika bannammwe ab'ekisa eky'obulamu; okusaba kwammwe kulemenga okuziyizibwa. (1Peetero 3:7)*

Bayibuli etegeeza bulungi nnyo mu lunyiriri luno nti okusaba kwaffe kuba n'amaanyi agasingawo bwe tukkiriza obufumbo bwaffe okukola nga Katonda bwe yabuteekateeka. Ate ku ludda olulala, okusaba kwaffe kuyinza okuziyizibwa oba obutaddibwamu singa tetukola bwetutyo.

N’olwekyo, okugonderagananga ye ngeri Katonda gye yagenderera obufumbo okukoleramu. Omukyala agondera era assaamu ekitiibwa omwami we, era nga bba bulijjo afuba okufaayo okulaba nga ali bulungi. Si kukirowoozaako bulowooza wabula okukikolera ddala. Bino byonna bibaawo nga Katonda asigadde nga omuyondo ogw’okusatu, nga alangiddwa wamu nabo bombi, okukola obumu obw’amaanyi. Olugero olw’edda lugamba nti: *“Abasabira awamu basigala wamu.”* Mu kino mulimu amazima mangi nnyo. Abafumbo bwe basabira awamu, omuguwa ogw’emiyondo esatu mu bufumbo bwabwe gunywezebwa.

## Ekifo ekirimu okukula

Tulabye Pawulo bw’annyonnyola mu kitabo ky’Abaefeso engeri abafumbo gye balina okwagalanangamu n’okussaŋŋanamu ekitiibwa. Obufumbo bugendererwamu okuba ekifo ekisinga okuba eky’emirembe. Awo w’osobolera okubeera ky’oli ddala. Era eyo kye kifo abafumbo gye boogerera mu ddembe ku birooto byabwe wamu n’okwolesebwa kwe balina ku bulamu obwa kaakano n’ebyo eby’omu biseera eby’omu maaso. Kyandibadde kyangu nnyo buli omu okukuuma n’okuwagira munne. Wateekwa okubaawo obwesige obujjuvu 100% nti buli omu ajja kuyimirirawo ku lwa munne. Mu bwesigwa n’okwewaayo kuno, kiba kya mirembe okwanja obunafu bwaffe n’ebyo ebitutawaanya. Munno mu bufumbo y’alina okuba omuntu omu ku nsi akumanyi ennyo era akutegeera obulungi mu buziba.

N’olwekyo, munno mu bufumbo alina okuba oyo akugumya era akuyamba okukula. Y’awagira emitendera emipya mu maka,

ku mulimu, mu buweereza, ne mu bulamu bw'ekkanisa, naye era ng'awagira okukula mu bwesimbu n'obwerufu. Mweyongere okusemberera Katonda, okwatula ekibi, n'okuyita Katonda okuwonya ebiwundu. Ekisa tekikoma ku kusonyiwa kwokka; era kirimu n'okwagala ennyo. Ng'omwagala nnyo okumutuusa ku ddaala ery'okukola byeyatonderwa mu bujjuvu.

Kino kiyinza okwetaagisa okwogera okw'amaanyi n'okubaako ekikolebwa. Ekigendererwa ekikulu eri buli muntu kwe kweyongera okufaanana Kristo (Bar 8:29), era obufumbo y'emu ku ngeri Katonda gy'ayinza okuleetamu enkyukakyuka eno. Okubeera mu nkolagana ey'ekimmemmette n'omuntu omulala kutuleetera okumwesigamako, obwetoowaze, n'okwessa wansi, n'ebirala. N'olwekyo, kyekifo we tuyigira okukkakkanya endowooza zo era n'ebiruubirirwa byo okusobola okuwagira n'okuyamba munno. Era kifo wetwewerayo olw'okugasa omulala (Bef 5:25).Bwetusalawo nga twerowoozaako ffekka ani asobola okulaba ekyo obulungi okusinga munnaffe mu bufumbo? Singa obuweereza oba emirimu biweebwa enkizo okusinga amaka n'obufumbo ani omulala ayinza okusinga munno mu bufumbo oba abaana okukitegeera? Amazima gajja kubafuula ba ddembe, Yesu bwe yagamba (Yokaana 8:32). N'obufumbo bulina kubeera bwebutyo. Amazima n'obwesimbu bituwa eddembe okubera mu ddembe, nga tuli kumpi ne Katonda era ne buli omu ne munne.

Ekigendererwa ekikulu eky'obufumbo kwe kuba ekifo ekisookerwako gye tuyigira era ne tukozesa ekisa okusinga amateeka. Abamu bajja gye ndi ng'omuwi w'amagezi ku by'obulamu, nga baleese olukalala oluwanvu olw'ebyo

bye basuubira okuva eri munnaabwe: nti akola katono nnyo, tayamba nnyo ku kulabirira abaana, takulembera maka mu by’omwoyo, era tatwala nkolagana ya bufumbo ng’ekintu ekikulu, n’ebirala. Bayibuli erangirira nti wadde nga ekisa kituusa mu ddembe n’essanyu, naye amateeka n’okulagira tebisubola. Abafumbo ababeera nga bagoberera amateeka, nga buli kiseera baagala kino ne kiri, emirundi mingi bafuna ebintu byanjawulo nnyo ku ebyo bye baali bagenderera. Ekigendererwa ky’obufumbo kwe kutuyigiriza okukozesa ekisa okusobola okufulumya ebisinga obulungi mu munnaffe. Tetuteekeddwa kutandika “kubuulira mateeka” olwo ne tuggyayo olukalala lwaffe olw’ebintu bye twagala singa munnaffe taddamu nga bwe tusuubira.

Mu Abaruumi essuula 4, 5, ne 6, Pawulo annyonnyola amateeka kye gakola n’ekyo ekisa kye kikola. Amateeka galeeta okwongera ku kibi, so nga ekisa kikola ekintu ekikontana n’ekyo. Ekisa kireeta okwebaza, eddembe, n’obulamu obukyusiddwa. Ekisa tekigendereddwa kuleeta bugayaavu. Okudda ku tivi oba okwemalira ku kompyuta okusobola okwewala abantu, si bibala bya kisa wabula bya kwesaasira. Abafumbo bombi bayitibwa okwagalana n’okuwaŋŋana ekitiibwa mu bulamu obwa bulijjo. Ekisa kye njogerako kye kitusobozesa okukola bwetutyo. Okulabibwa, okukkirizibwa, n’okwagalibwa kituleetera okwagala okukola. Okwongera okufaanana Yesu nakyo kiva mu kwewaayo kwaffe okuweereza abalala. Yaniriza munno mu bintu byonna eby’obulamu. Obufumbo n’amaka birina okuba ebifo mwe twoleseza okutambula kwaffe awamu ne Yesu era nga bwetulera enkulaakulana yaffe ey’omwoyo n’omubiri.

Okukkiriza mu Katonda, awamu n'okumanya nti atukkiririzaamu, bikulu nnyo mu mulamwa guno. Singa enkolagana yaffe ne Katonda eba si nsengeke bulungi, wajja kubaawo obutabanguko mu nkolagana endala zonna. Singa omwami anoonya okusiimibwa okuva eri mukyala we mu kifo ky'okuva eri Katonda, Kitaawe, aba ayingidde mu kkubo ery'akabi. Bw'aba nga talina bukakafu nti Katonda amusiima, ajja kwenyigira mu mulimu ogutakoma ogw'okunoonya okusiimibwa. Si kugamba nti si kya bulijjo omusajja okunoonya okusiimibwa omukazi alabika obulungi, naye ekyo kya bulabe nnyo. Katonda teyagenderera ekyo kuba bwe kiti. Ekigendererwa ekyasooka kyali nti omuntu yandibadde n'obwesige mu kusiimibwa kwa Katonda, nga Adamu bwe yali mu Lusuku Adeni. Olwo nno lw'asobola okuwaayo obuyambi n'obukuumi, nga amuyita mu buweereza obunene ennyo obusinga okukakasa omusajja atalina mirmbe. Bwe kitaba kikyo, bulijjo ajja kutunuuliranga omukyala nga alindirira okumukakasa nti mulungi ekimala, alabika bulungi, mugezi ekimala, asikiriza ekimala, n'ebirala. Kino kisuula omukazi eddalu. Ajja kulaba nti okufuba kwe buli kiseera okuzzaamu omwami amaanyi obulamu bwe bwonna kijja kuba kizibu nnyo buli ebizibu by'obulamu lwe binajjanga. Singa enkola eno eba egenda mu maaso, omwami naye ajja kusigala nga talina bukuumi okutuusa lw'alifa, oba okutuusa lw'alizuula okukkirizibwa kwa Kitaawe Katonda. Singa enkolagana yabwe ne Katonda eba nungi, obufumbo bufuuka ekifo eky'okukuliramu kubanga abafumbo beesiga Katonda era nga beesigaŋana bokka na bokka. Naye tewesunga nnyo ku ky'okukyusa munno mu bufumbo. Ekigendererwa kwe

kutondawo embeera ey’okukuliramu, obutaleeta by’oyagala okusinziira ku by’olowooza nti byetaagibwa.

# 3.
# Endagaano

Ensonga endala enkulu ku kigendererwa kya Katonda ekyasooka eky’obufumbo kwe kuba nti ndagaano. Endagaano kintu kya njawulo nnyo ku kukkiriziganya oba kontulakiti. Ka tulabeko ennyiriri mu Malaki:

> *Mubikka ekyoto kya Mukama amaziga n'okukaaba n'okussa ebikkowe, n'okussaayo n'atassaayo nate mwoyo eri ekiweebwayo so takikkiriza mu mukono gwammwe ng'asiimye. Kubanga Mukama yabanga mujulirwa eri ggwe n'eri omukazi ow'omu buvubuka bwo, gwe wakuusakuusa, newakubadde nga ye munno era omukazi gwe walagaana naye endagaano. (Mal. 2:13,14)*




Munno mu bufumbo ayogerwako ng’omuntu gw’okola naye endagaano. Mu nsi ey’omulembe guno, tumanyidde okuba n’obuyinza okuva mu ndagaano oba mu kontulakita ze tukola.

Emirundi mingi ngula ebintu bye nneetaaga okuva ku maduuka agattundira ku yintaneeti. Gye buvuddeko nnagula leediyo entono eya Bluetooth eyali efunye ebigyogerwako ebirungi okuva okuva eri abagigulako. Nakkiriza obukwakkulizo era ne nsasula. Nga bwe baasubiza, kampuni yampa leediyo

eyo. Nagigezesa, naye bwe nagikozesa ennaku ntono, ne nkizuula nti teyali ya kitalo nnyo nga bwe nnali ndowooza, kwe kusalawo okugizzaayo nga nkozesa enkola yaabwe ey'okuzzaayo ebintu mu nnaku 45. Nazzayo leediyo era ne mpeebwa ssente zange. Enzikiriziganya ng'ezo nnyangu okukozesa, naye za njawulo nnyo ku ndagaano yennyini. Kontulakiti yeesigama ku buteesiga, ate endagaano yeesigama ku bwesigwa. Mu kontulakiti, nze ntuukiriza ekitundu kyange nga nsasula leediyo, nabo ne batuukiriza ekitundu kyabwe nga bampa leediyo. Abantu bangi nnyo ensangi zino obufumbo babukwata mu ngeri y'emu: Nnina eddembe okusubira nti ojja kukola ekitundu kyo, era nange nsuubirwa okukola ekitundu kyange. Bw'otokola nga bwe nsuubira era ne ssifuna kye "nnasasulira," mba nnina eddembe obutakola kitundu kyange. Mu bufumbo, okusasula kuyinza okuba mu ngeri y'okussaamu ekitiibwa, okuwa obuyambi obw'omugaso, okwogera n'ekisa, okuba ab'oku lusegere era abeewaddeyo mu by'okwegatta, okuba omwesigwa era eyeesigika, n'ebirala. Endowooza eno ey'okutwala obufumbo nga kontulakiti ya njawulo nnyo ku ndowooza y'endagaano, nga eno yengeri Bayibuli gy'enyonyolamu obufumbo.

Bw'oba oli mu nkolagana ey'endagaano era nga tosobola kukola nga bwekisuubirwa, oludda olulala lwewayo okuyamba. Ekibulamu kirina okujjuzibwa n'omulala. Mu ndagaano, kino tekikolebwa lwa kisa kyokka; kibeera kitundu kikulu nnyo eri endagaano.

Endagaano ya NATO kyakulabirako eky'omulembe guno eky'endagaano. Buli ggwanga lyeyama okuwaayo singa ow'omukago alumbibwa. Bammemba abatono, nga Norway, (ku

lw’ensonga ezitegeererkeka) tebasobola kuwaayo nnyo nga amawanga amanene. Eno y’engeri y’endagaano. Singa wabaawo okulumbibwa mu limu ku mawanga agali mu ndagaano ya NATO, bammemba abalala balina okusindika abajaasi n’ebyokulwanyisa okubayamba. Kisuubirwa nti bannansi okuva mu mawanga amalala batuuka n’okufa okusobola okuyamba eggwanga eryo mu mbeera ng’eyo. Mu myaka egiyise, amawanga agawerako agali mu NATO tegawaddeyo nga bwe kyali kisuubirwa, nga basala ku nsaasaanya yaabwe mu by’okwerinda. Embalirira y’ebyokwerinda byaabwe bw’ekendeezebwa okumala emyaka egiwera, eby’okwerinda byabwe byeyongera okunafuwa. Ekyo kibaleka nga beesigamye nnyo ku buyambi okuva mu mawanga amalala agali mu bammemba ate nga bo bennyini baba tebayamba nnyo balala singa wabaawo obwetaavu. Kitegeerekeka nti eggwanga eriri mu buzibu bw’eby’ensimbi lirina okukendeeza ku nsaasaanya yaalyo mu by’okwerinda, era abalala olwo bajja kuba balina okubayamba. Wabula mu ndagaano, tosobola kusalawo oba ogenda kuwaayo oba nedda. Endagaano esuubira nti buli agirimu bulijjo okuwaayo okusinziira ku busobozi bwe. Buli ggwanga eriri mu mukago lisuubirwa okuwaayo. Newankubadde okugeraageranya kuno n’endagaano ya NATO kulina obuzibu bwakwo obulabika, naye ky’eky’okulabirako ekisinga okusemberera okunnyonnyola endagaano okusinziira ku Baibuli. Enjawulo emu eriwo kwe kuba nti kisoboka okuva mu ndagaano ya NATO, naye tosobola kuva mu ndagaano ya Baibuli.

Bayibuli eyogera ku ndagaano eziwerako ezaakolebwa era n’ebyalina okuvaamu eri abo abaazikola. Ka njogere ku by’okulabirako bibiri. Ka tusooke tulabe Endagaano Enkadde.

Eyo y’endagaano Katonda gye yakola n’Abayudaaya. Yali ajja kuba Katonda waabwe, era nabo babe baana be. Yali ajja kubawa omukisa era abakuume. Endagaano eno n’okutuusa kati ekyakola. Yesu oluvannyuma n’atandikawo Endagaano Empya. Eno y’endagaano ewa buli muntu omukisa okufuuka omwana wa Katonda. Eno y’endagaano mwe tusonyiyiririrwa ddala ne tufuulibwa omwana wa Katonda nga tekisinziira ku kubeera nti tusaanidde. Mu ndagaano eyasooka waaliwo ekisa kingi, naye mu Ndagaano Empya kisingawo nnyo. Mu Ndagaano Empya, kikwata ku kufuna, so si ku kukolerera. Eno endagaano yakolebwa Katonda yekka. Tetwenyigira n’akatono mu kugikola.

Katonda si ye yekka eyakola endagaano. Abayisirayiri nabo baakolanga endagaano n’abantu abalala. Ekimu ku byokulabirako ebikulu y’endagaano gye baakola n’Abagibyoni. Mu Yoswa essuula 9, tusoma ku lugero engeri abantu ba Gibyoni gye baakola endagaano n’abantu ba Isiraeri. Endagaano eno yali esimbiddwa ku misingi egy’obulimba ddala. Abagibyoni baali balimba ku bibogeerako, era abakulembeze ba Isiraeri ne batanoonya magezi ga Katonda, mwe bandisoboledde okuzuula obulimba buno. Baakomekkereza bakoze endagaano nga yesigamiziddwa ku ngeri gyebaawuliramu mu buntu. Nga wayise ennaku ssatu oluvannyuma lw’okukola endagaano Isiraeri yategeera nti ebyasinziirwako okukola endagaano byali bikyamu, era nga baali balimbiddwa. Kyangu okulowooza nti bandizzeeyo eri Abagibyoni ne babategeeza nti endagaano yali teyinza kubeera ya bulimba, era ne bagimenya, nga bwe nnakola ku leediyo eya Bluetooth, naye tebaasobola kusazaamu ndagaano eyo. Newankubadde endagaano nga yali yeesigamiziddwa ku bulimba, abantu ba Isiraeri baali basibiddwa mu yo. Kiki

ekyabaawo Abagibyoni, oluvannyuma lw'ekiseera, bwe baafuna enkaayana ne baliraanwa baabwe abalala? Baagenda eri Isiraeri nga beesigama ku ndagaano, ne basaba obuyambi bw'eggye okuva mu Isiraeri. Nga bakozesa obulimba, Abagibyoni baafuna enkola eyabakakasa okubeera ku ttaka lyabwe. Okukuuma endagaano, Isiraeri yajja okubayamba, nga bateeka obulamu bwabwe mu kabi (Yoswa 10:6). Katonda yakiwa omukisa, era ne bawangula olutalo.

Kitegeeza ki nti obufumbo ndagaano? Kitegeeza nti tosobola kusazaamu bufumbo bwo, newankubadde nga *amazima* galabika oluvannyuma lw'ekiseera. Okyali mufumbo nebw'aba munno teyakubuulira byonna ebikwata ku byafaayo bye nga tonnamufumbirwa, oba olw'okuba teyakirowoozaako, oba yakyerabira, oba olw'okuba ye yali mweraliikirivu nti tojja kumuwasa singa okimanya. Obufumbo buteekebwawo ng'endagaano nga mwembi we mugambira nti "Yee".

Mu Ndagaano Enkadde, okukola endagaano kwawerekerwangako emikolo n'obubonero obwenjawulo: obweyamo bwaweebwangayo mu maaso g'abajulizi, akabonero k'endagaano kaakolebwanga, ekiweebwayo ky'omusaayi kyayiibwanga, era ne bafuna ekijjulo ky'endagaano. Tulaba emikolo n'obubonero buno mu mukolo gw'embaga. Abantu bayitibwa okubeerawo ku mbaga y'obugole ng'abajulirwa, era emirundi mingi wabeerawo abantu bangi nnyo okujulira ekibaddewo n'okuwulira ebirayiro ebikubibwa.

Abajja okujulira bakakasa nga tewali kimenya mateeka kibaawo, naya era nti buli omu ku bombi ayogera bulungi nti "Yee" ng'omusumba abuuza nti, "Osuubiza okwagala n'okussa ekitiibwa mu munno okutuusa okufa lwe kulibawukanya?"

Empeta eziwanyisibwa bwe bubonero bw’endagaano. Ekijjulo ky’endagaano kye kijjulo ky’embaga abantu abasinga kye banyumirwa oluvannyuma lw’omukolo gw’obufumbo. Omukolo gwokka mu kukola endagaano mu Ndagaano Enkadde ogutaatwalibwa mu mbaga z’obugole ez’omulembe guno kwe kuyiwa omusaayi ng’ekiweebwayo. Mazima ddala, emirundi mingi ebisolo bittibwa okuliibwa ku mbaga y’obugole, naye okuyiwa omusaayi nga ekiweebayo tekukyalabika n’akatono. Mu biseera eby’edda, okuyiwa omusaayi mu kiseera ky’okwegatta kyalinga bukakafu obw’endagaano enywedde. Olwo essuuka yawanikibwanga ebweru okulaga akabonero k’omusaayi. Kino tekikyakolebwa mu kiseera kino. Katonda yali agenderera nti obufumbo butandikibwe n’ekikolwa eky’okwegatta. Baibuli etugamba nti waliwo ekintu eky’enjawulo ennyo ekibaawo abantu ababiri bwetwegatta mu by’omukwano: Tufuuka kimu n’omuntu oyo (1 Bakkol 6:16). Katonda kye yali agenderera kyali nti okuyita mu kwegatta abantu abo ababiri babe n’enkwatagana ey’enjawulo. Era ekigendererwa kyali nti enkwatagana eyo ekakasibwe era ekuumirwe munda mu bukuumi n’okufaayo ebisangibwa mu bufumbo. Tetulina kwegatta mu bya mukwano eby’obufumbo na bantu bangi kuba mw’ekyo tuba tuyungiddwa nabo. Nga bwe tuyinza okulaba, akabonero k’omusaayi ku ssuuka kaali kagendereddwamu okulaga nti abantu bano bombi baali bayingidde ddala mu ndagaano y’obufumbo. Wadde nga ekyo kyogeddwa, si buli ndagaano zonna eziri mu Bayibuli nti zaakolebwanga n’akabonero k’omusaayi (Ng’ekyokulabirako, endagaano Katonda gye yakola ne Nuuwa mu Olub 9:9–17).

Singa ebitundu ebimu eby’emikolo oba obubonero tebikolebwa ku lunaku lw’embaga, obufumbo buba

tebutuukiridde? Mazima ddala si bwe kiri. Oba obufumbo bukolebwa mu kkanisa erimu abajulizi abangi oba mu mukolo ogwa gavumenti nga abantu batono ddala abaliwo, Katonda atwala obufumbo bwonna nga endagaano. Empeta oba zambaddwa oba nedda, Katonda tagobebwaawo. Ensonga enkulu eri nti obufumbo ndagaano era nti ennono ze tukyakola leero zirina ebyafaayo nekyezigasa. Mu mbeera yonna, Katonda ajja kwetaba mu buli mbaga era agatte abantu ababiri. Mu kaseera ako, atonda ekintu ekipya ekigenda okuwangaala obulamu bwonna. Okusinziira ku mateeka g'amawanga mangi, kisoboka abantu okwawukana mu mateeka nataba mufumbo naye endagaano esigalawo obulamu bwabwe bwonna. Enkolagana eyatondebwawo esigala ekyaliwo. Omuntu yenna ayise mu kwawukana mu bufumbo ayinza okukakasa nti ebijjukirwa, enkolagana, n'okukwatagana okwaliwo wakati waabwe n'omuntu gwe baafumbiriganwa nabo bisigalaawo mu bulungi oba mu bubi—mu bulamu bwabwe bwonna. Ebintu bino tebivaawo olwokuba nti abantu baawukanye, wadde nga bangi baba baagala nnyo biveewo. Enkolagana yonna ey'obufumbo eba ya bulamu bwonna.

Endagaano egamba nti: Nneewaddeyo gy'oli okumala obulamu bwange bwonna. Kino kitegeeza bukuumi. Okimanyi nti munno talikuleka wadde okukwesamba, ka kibeere ki ekiba kiguddewo. Eno y'emu ku nsonga z'endagaano. Ku luuyi olulala, endagaano esiba nnyo. Obulamu bwo oba obuwaddeyo (bwe kiba kyetaagisa). Waliwo omuwendo ogw'okusasula, naye emigaso egiva mu kwewaayo okwo gisinga nnyo omuwendo ogwo. Mu bufumbo, kituufu eri bombi omwami n'omukyala nti buli omu agamba nti ebyetaago byo bikulu okusinga ebyetaago byange, era buli kye nnina weekiri okuweereza ebyetaago byo.

Nja kusalawo okubeera ow’ekisa era asonyiwa. Mu bufunze, sijja kuddamu kubeerawo ku lwange nzekka, wabula nja kubeeraawo ku lulwo.

Munda mu ndagaano, toteekwa kukozesa bigambo bino okulumba munno ng’ogamba nti: “Oteekwa okukola kino...” Ebigambo bino bikola ku ggwe mwennyini. Kino kitegeeza kwetta? Nedda. Ka tuyigire ku Yesu: Wadde nga yali Katonda, yakkiriza okuzaalibwa ng’omuntu. Yali mwetegefu okuvumibwa, okunyoomebwa, okubonaabonyezebwa, era n’okuttibwa, olw’ebibi bye yali takoze.

Mu butuufu yawaayo obulamu bwe, naye yali akendedde okuyita mu bikolwa bino? Nedda. Bino byonna yabikola okuwangula omugole we. Omugole gw’anawasa ku nkomerero y’emirembe gino. Olw’okwewaayo, yafuna kye yali ayagala.

# 4.
# Ekifaananyi

Katonda yalonda obujulizi bwa ngeri ssatu okulaga okwagala kwe, obugumiikiriza kwe, amaanyi ge, ekisa kye, n'obwesigwa bwe. Obujulizi buno be bantu ba Isiraeri, ekkanisa, n’obufumbo. Isiraeri yayitibwa okutwala obujulizi bwa Katonda ow’amazima era omulamu eri ensi. N’ekkanisa nayo yali eteekeddwa okulaga Katonda. Abantu abali mu kkanisa bwe bandibuulidde amawulire amalungi era ne babeera n’obulamu obusaanira okuyitibwa kwabwe, amaanyi n’ekisa ebya Katonda byandibadde biragibwa. Katonda yabasuubiza okubeera nabo ng’alaga amaanyi g’Omwoyo Omutukuvu (1 Bak 2:4). Tekimanyidwa nnyo nti obufumbo nabwo bwali bugendereddwamu okulaga ekifaananyi kya Katonda, nga bulaga mu lwatu embala ye.

Twamaze dda okulaba nti obufumbo kintu kikulu okusinga abantu ababiri abagattiddwa awamu. Tulabye nti obufumbo ly’etoffaali erizimba omusingi gw’embeera y’abantu mu kitundu, nti okulonda oyo gw’owasa oba gw’ofumbirwa kirina ebivaamu ebikwata ku mirembe egijja, era nti obufumbo nkolagana wakati wa Katonda n’abantu. Ekigendererwa ky’obufumbo kwe kulaga ekintu ekisinga obukulu okusinga obufumbo bwennyini n’abantu ababiri ababubaamu. Kino kyeyoleka bulungi okuviira ddala eri mu ntandikwa y’okutondebwa mu Olubereberye 1 ne 2. Okutegeera obufumbo mu ngeri ya Bayibuli kikulu nnyo mu kutegeera kwaffe Katonda

n’ensi yaffe, nga engero z’okutondebwa kw’ensi, ensolo, n’abantu. Byonna bisangibwa mu mpapula ezisookera ddala eza Bayibuli.



*Katonda n’ayogera nti, “Tukole omuntu mu kifaananyi kyaffe, afaanane naffe; afuge eby’omu nnyanja, n’ebibuuka mu bbanga, n’ensolo, n’ensi yonna, n’ebiramu byonna ebyewalula ku nsi. Katonda n’atonda omuntu mu kifaananyi kye; mu*

*kifaananyi kya Katonda mwe yamutondera; omusajja n'omukazi n'abatonda. Katonda n'abawa omukisa, Katonda n'abagamba nti, "Mwale, mweyongere, mujjuze ensi mugiwambe; mufuge eby'omu nnyanja, n'ebibuuka mu bbanga, na buli kiramu ekitambula ku nsi."(Lub 1:26–28).*

Kigamba nti baakolebwa mu kifaananyi kya Katonda. N'olwekyo, abantu kye kifaananyi kya Katonda. Musa bwe yafuna Amateeka Ekkumi, erimu ku go ligamba nti tebalina kukola bifaananyi bya Katonda. Ate kuludda olulala ye ekyo kyennyini kyeyakola. Yatonda omusajja n'omukazi mu kifaananyi kye.

Lwaki ebifaananyi bikolebwa? Ensonga ttaano zijja mu mutwe gwange bwe ndowooza ku kino. Ensonga esooka, ekifaananyi kikolebwa omuyiiya w'ebifaananyi asobole okutuukiriza obukugu bwe. Eyokubiri, omuyiiya ayinza okukola ekifaananyi olw'okwagala okujjukira embeera, omuntu, oba ekifo. Eyokusatu, kubanga omuyiiya anyumirwa nnyo okuyiiya era afuna essanyu lingi mu kukola ebifaananyi. Eyokuna, ebifaananyi bisobola okuteekebwa ku mwoleso abantu abalala babirabe. N'ekisembayo, ebifaananyi bisobola okukolebwa ne bitundibwa okusobola okufunamu ssente.

Katonda teyeetaaga ssente, era nkakasa bulungi nti Katonda teyeetaaga kulongoosa bukugu bwe, era teyeetaaga kifaananyi okujjukira ky'ali. Nzikiriza nti asanyukira okutonda era afuna essanyu lingi mu kutonda kwe, naye okusingira ddala, ekigendererwa kye mu kukola ekifaananyi kwe kuba nti abantu abalala bakirabe, bakyewuunye, era bategeere ekintu ku Oyo eyakola ekifaananyi. Nzikiririza ddala nti Katonda yatonda omusajja n'omukazi mu kifaananyi kye okusobola okubaako

ky’alaga ku ye kennyini ekifuula ekifaananyi kino eky’enjawulo okusinga ebifaananyi ebirala byonna mu nsi. Ebifaananyi ebimu biyamba ababiraba okuyiga ekintu ekimu oba ekirala, naye mu mbeera eno, ekifaananyi kyennyini kigendereddwamu okuyamba abantu okutegeera oyo gwe bafaanana.

Omuntu yennyini kye kifaananyi era ye yagendererwa okuba omulabi w’ekifaananyi ekyo. Nzikiriza nti omwami n’omukyala nga bali wamu mu bufumbo baali bagendereddwamu okuba ekifaananyi ekyangu ennyo okutegeerwa abaana era ekirabika obulungi eri buli muntu— nga kiraga era nga kifaanana Katonda n’embala ye. Sigenderera kuwa lukalala lujjuvu olw’ebintu byonna bye tusobola okuyiga nga twekenneenya ekifaananyi kino, naye njagala okwogera ku zimu ku mbala ezifanana eza Katonda obufumbo ze bwali bugendereddwamu okulaga.

## Omusajja n’omukazi

Olubereberye 1:27 lugamba nti: “Katonda n’atonda omuntu mu ngeri ye, mu ngeri ya Katonda mwe yamutondera; omusajja n’omukazi bwe yabatonda.” Tetumanyi buli kimu ku kikula kya Katonda, naye tusobola okukakasa nti taziyizibwa na mubiri ogw’obutonde bwaffe. Katonda okututonda nga abasajja n’abakazi tekikwata ku ndabika ya mubiri yokka. Enjawulo wakati w’omusajja n’omukazi erina okuba nga erimu amakulu ag’ebuziba era ag’olubeerera. Katonda yali asobola okutonda abantu nga tewali njawulo wakati wa musajja na mukazi, naye ekyo teyakikola. Yatonda abantu nga waliwo ebika bibiri omusajja n’omukazi olw’ensonga.

John Eldredge awandiika nti Katonda yatonda omutima ogw'omusajja n'omutima ogw'omukazi, nga buli gumu gulaga mu ngeri yaagwo ey'enjawulo omutima gwa Katonda eri ensi eno.[5] Mu ngeri ennungi ennyo, annyonnyola enjawulo wakati w'omutima gw'omusajja n'ogw'omukazi. Omusajja, eyazaalibwa wabweru w'olusuku Adeni (Lub 2:7-8), atondebwa okubaako kyalwanirira. Afunye omulimu n'ekigendererwa ekisinga ku bibye ye kennyini, era alina okuwangula omukazi omulungi era amwanirize okugenda naye mu mulimu omunene gw'alina. Katonda yalagira omusajja okujjuza ensi n'okugifuga (Lub 1:28). Kitegerekeka nti Katonda yalowooza nti Adamu yalina buli kye yali yeetaaga okusobola okutuukiriza omulimu ogwo. Katonda teyagenderera nti Adamu akole omulimu ogwo ku lulwe yekka. Yatonda omukazi, entikko y'okutonda, okubeera ow'okwagalibwa n'okulwanirirwa omusajja, era abe omuntu eyali ow'okuyimirira ku ludda lwe mu mulimu guno. Olw'okuba mu butonde twatondebwa nga tweetaaga buli omu munne okusobola okuzaala, kino nakyo kijulira nti Katonda ye Katonda ow'enkolagana.

Wadde ng'ebintu bingi bikyuse mu ngeri abaana gye bazannyamu emizannyo mu myaka egiyise (ennaku zino bangi batera okutuula mu maaso g'olutimbe,TV), wakyaliwo enjawulo ezirabika obulungi wakati w'abalenzi n'abawala. Kimanyiddwa bulungi nti abalenzi n'abasajja batera okusikirizibwa ebintu ebitiisa era eby'omutawaana, era ekibuuzo kiri nti kino kiri mu butonde bw'omutima ogw'ekisajja. Balenzi bameka abateezannyiikirizza mu ngeri ya ntalo? Si kya butanwa okulaba abalenzi nga berwanyisa n'ebimundu ebikolerere oba amafumu nga abali mu ntalo zennyini. Abazannyi b'emizannyo gy'okukuba amasasi ku kompyuta abasinga obungi baba

balenzi. Okuva 15:3 wagamba nti: “Mukama mulwanyi”. Mu ngeri ey’enjawulo, abalenzi balaga oludda luno olw’ekikula kya Katonda. Sirowooza nti kisalwawo mu buwangwa bwokka nti abawala abasinga obungi baagala nnyo emizannyo gy’omukwano ate abalenzi batera okubuuka okuva ku muti okudda ku mulala. Abalenzi bangi bawulira okuwalirizibwa okuzuula sipiidi ekigaali kye beekoledde awaka gyekidduka nga okuyita ewaabwe. Olw’okuba nnamenyeka omukono gwange ogwa ddyo emirundi esatu era nga gutungiddwa wano ne wali si bukakafu obulaga obusajja bwange, naye kiraga era nga bwennali agezesa ennyo wamu n’okweteeka mu butyabaga.

Birungo ki ebiri mu kuzannya kw’abalenzi? Baagala nnyo okwaŋŋanga ebizito (okulaba oba nga nabo basobola), obulabe era n’okuvuganya. Omuntu bwafa, ekyo kiba kijja kukola akakodyo. Balenzi bameka abafaayo okuzannya singa tewabaawo wakuwangula? Basajja bameka abaagala omulimu awatali kusoomoozebwa oba ntalo za kuwangula? Abasajja bangi baagala okwewaayo bo bennyini ne bawangula okutya oba okuziyizibwa. Kino kyandiba bwekityo kubanga tulimu ensigo ya Katonda omulwanyi?

Abakyala bangi nabo balaga empisa ezo, naye emirundi mingi balonda engeri ezitaliimu kabi. Omuwala omu mu mikwano gyaffe, ow’emyaka 19, yabuuzibwa oba yandigezesezza ekkomo ly’emmotoka gye yeeyazika. Yaddamu nti, “Lwaki nandikoze ekyo? Kya bulabe.” Abalenzi bangi bandibadde kino bakiddamu nga bagamba nti, “Naye y’ensonga yennyini lwaki twetaaga okugezesa emmotoka.” Baagala okumanya nti basobola okugonjoola obuzibu. Jjuuzi nayogeddeko n’omusajja ow’emyaka 50 eyabadde yeeyazise emmotoka empya ddala,

ey’ekika kyaTesla ng’erina amaanyi mangi (1020hsp). Ng’amwenya, yantegeeza nti yandyagadde okugezesa engeri gy’eyanguyirwa okwongera sipiidi. Emyaka ataano egy’obukulu naye era nga akyayagala nnyo okugezesa ekkomo n’obusobozi bw’emmotoka. Abasajja baaba ki? Lwaki balina okunoonya obuzibu n’okugezesa ensalo? Eky’okuddamu kiyinza okuba nti abasajja bifaananyi bya ngeri ez’enjawulo eza Katonda.

Si kya butanwa nti abawala tebatera kugwa mu bubenje okusinga abalenzi. Omusajja yatondebwa okuva mu ddungu, ng’ate ye omukazi yali yatondebwa kuva mu magumba ga Adamu munda mu Lusuku Adeni. Obulungi bwe busukkuluma ku bwa Adamu, era okubudaabuda n’okulabirira kwe byamuwendo nnyo ku mutima gwe. Si kikontana nti abakyala abamu nabo banyumirwa okugezesa ensalo n’okubeera mu bulamu obusanyusa, naye si ky’ekikula kye. Omukazi kifaananyi ekyewuunyisa eky’engeri endala eza Katonda ez’enjawulo. Omukazi yekka y’asobola okuwa omwana omupya obulamu. Yekka y’asobola okumulabirira, okumukuza, era kunkomerero okumuzaala. Kale bingi nnyo ebiyinza okwogerwa ku mukazi, naye ensonga eri nti Katonda yali alina ekigendererwa bwe yatonda omusajja n’omukazi mu ngeri ez’enjawulo. Yali ayagala okusobola okwolesa engeri ze mu ekifaananyi kye baali bagenda okukola awamu. Oluvannyuma lw’okugwa, ekifaananyi kino kyakendeera amaanyi, era ekifaananyi kye tulaba mu basajja, abakazi, n’obufumbo bwabwe tekirabika bulungi ddala nga bwe kyali kigendereddwa mu kusooka. Obutangaavu bw’ekifaananyi nabwo businziira ku kuba nti omusajja oba omukazi afunye Omwoyo wa Katonda.

Ebyawandiikibwa mu Lwebbulaniya biggumiza obwetaavu bw’ omusajja n’omukazi bombi okumalayo ekifaananyi kya Katonda. “Omusajja” ye Ish ne ”omukazi” Isha. Tekyeyoleka mu kuwandiika kwaffe okw’amawanga g’abazungu, naye kyeyoleka bulungi nnyo nga Ish ne Isha balabika mu Lwebbulaniya. Ebigambo bya njawulo, naye ennukuta bbiri ze zikwatagana mu byombi. Mu kiseera kye kimu, ebigambo byombi birina ennukuta eteri mu kigambo kirala. Singa oteeka wamu ennukuta zino ez’enjawulo, ofuna ekifaananyi ekisinga obumpi eky’erinnya lya Katonda: Yahve.




ISHA (OMUKAZI) · ISH (OMUSAJJA)
JAHVE (YAKUWA) · FIRE (OMULIRO)

Ebisigadde ze nnukuta ezivvuunula omuliro.

Wadde nga baakolebwa kinnoomu mu kifaananyi kya Katonda, bwebagattibwa awamu erinnya lya Katonda ne liryoka lirabika. Singa tuggya Katonda mu bufumbo, tuba tusigadde na muliro. Omuliro gubugumya era mulungi bwe gukuumibwa mungeri entuufu, naye guyinza okwonoona ennyo singa guva

mu kufugibwa. Omuliro ogutalina bukulembeze na kufaayo kwa Katonda guyinza okwonoona amangu omuntu n'abo abamwetoolodde.

## Katonda Wa Nkolagana

Katonda ali mu busatu era bw'atyo alina enkolagana mu nkula ye. Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo Omutukuvu buli omu wa njawulo, naye abasatu era bali kimu mu ngeri eyeewuunyisa. Engeri kino gye kikolamu esukkulumye okutegeera kwange, naye kyeyoleka bulungi nti balina enkolagana etayawukanyizika. Beesigaŋŋana, bessaamu ekitiibwa. Balina emirimu n'obusobozi obw'enjawulo, naye ate nga bakyali omu. Yesu yagamba nti tayinza kukola kintu kyonna okuggyako nga asoose kulaba Kitaawe nga akikola (Yokaana 5:19). Enkolagana eno eraga okwesigaŋŋana okunene.

Kino tekitegeeza nti Yesu si muntu eyeetongodde.

Ekyokulabirako kye kya Yesu bw'agamba nti awaayo obulamu bwe kyeyagalire , era nti alina obuyinza okukikola (Yokaana 10:18). Mu kufa kwe ku musaalaba, Yesu yatangirira ebibi by'obuntu era n'ateekateeka ekkubo buli muntu ly'ayinza okufuniramu Omwoyo Omutukuvu. Ng'Omwoyo Omutukuvu tannaba kutuukiriza mulimu gwe, omulimu gwa Yesu gwalina okusooka okumalirizibwa. Wadde nga abasatu abali mu Katonda ow'obusatu ba njawulo ku buli omu, babeera wamu mu ngeri eyeewuunyisa. Katonda yayagala okuteeka mu bantu ekifaananyi ky'okubeera awamu n'okwesigaŋŋana eri abantu.

Mu bufumbo, omusajja n'omukazi buli omu ajjuza munne nga banjawulo naye ate nga ddala buli omu yeesigamidde ddala ku

munne. Era balina okubeera mu bulamu bwabwe obw’obufumbo n’obw’amaka nga bwesigamye ku Katonda.

Abantu batondebwa lwa kubeera wamu n’abantu abalala. Tukimanyi nti okubeera obw’omu kivaako ebizibu by’ebirowoozo era nti ebizibu bingi bisobola okugonjoolwa bwe wabaawo enkolagana ennungi n’abantu abalala. Kimenya nnyo omuntu okuba nga asosolwa oba ng’abantu tebamusembeza wadde okumutegeera. Kizibu okubeera omulamu nga tewali nkolagana yonna na balala. Okwekutula ku balala, okulemesa omuntu okubeera n’enkolagana n’abalala, kye kibonerezo ekisinga obunene mu bantu baffe. Kino kiri bwe kityo kubanga twatondebwa olw’enkolagana.Tulina obutoffaali bwa Katonda mu ffe. Katonda yatonda omusajja n’omukazi olw’enkolagana—olw’okubeera n’okwegatta olw’omukwano. Baali bagenderedwa okubeera n’enkolagana ennywevu, etalina bulabe, ennungi, era ey’omwoyo. Kino bwe kibaawo mu bufumbo, tuba twolesa ebirungi ebiri mu ngeri ya Katonda ey’enkolagana.

Omukwano gw’abaagalana nagwo gulina ebirungo ebigugaziya. Okuyita mu baana, enkolagana egaziwa era ekula. Enkolagana eno ennungi yeeyongerayo ne mu baana baawe, era bwe gutyo ne ku mulembe oguddako.

## Katonda ye Mutonzi w’Obulamu

Kino kitutuusa ku ngeri endala eya Katonda gye tulaba nga eragibwa mu bufumbo: Katonda ye Mutonzi w’Obulamu. Katonda ye yatonda ensi n’ebiramu byonna (Lub 1:1). Obulamu busobola kutondebwa Katonda yekka. Omubi tayinza kuzaala bulamu; wabula asobola okubba, okutta, n’okusaanyaawo Katonda bye yatonda. Yesu agamba nti Ye bwe bulamu (Yokaana 14:6) era nti obulamu obutaggwaawo busangibwa mu Ye. Agamba nti yajja tube n’obulamu era tube nabwo mu bujjuvu (Yokaana 10:10). Newaakubadde omukyala alina ebyetaagisa okuzaala omwana, tasobola kufuna lubuto ku lulwe yekka. Katonda era yekka yalina okuwa obulamu. Alina enteekateeka eri buli muntu (Zab 139:13–16) era y’oyo awa buli muntu ali ku nsi obulamu (Yer 1:5).

Mu ngeri eyo, Katonda yawa omusajja n’omukazi obusobozi bw’okutondawo obulamu mu bufumbo bwabwe. Enkolagana yaabwe ey’omukwano efuuka ekifaananyi ky’amaanyi ga Katonda agagaba obulamu bwe bafuuka taata ne maama.

Bwe muba mukubaganya ebirowoozo ku mulamwa guno, kikulu okwogera ku baana abazaalibwa wabweru w’obufumbo obutukuvu. Mu buwangwa obumu, abaana bano baali bayitibwa “abaana abatali mu mateeka,” ekigambo ekisobola okuba ekikambwe ennyo era ekisobola okuleetera abo abakwatibwako obulamu obuzibu. Katonda talina baana batali mu mateeka, abazadde be babe ba ngeri ki oba obulamu bwabwe bube nga bwatandika butya. Buli mwana wuwe 100% — ayagalibwa era yatondebwa Ye. Katonda yayagala buli mwana akule ng’awulira nti alina kitaawe ne nnyina mu bujjuvu, si mu kitundu, wabula

mu bulamba. Nga Katonda bwe yayagala ffe tubeere mu nkolagana naye nga tumwesiga, buli muntu yalina okukulira mu maka ng’alina emirembe n’enkolagana mwe yeesigira bazadde be. Omusajja n’omukazi bwe bagattibwa wamu nga bewaddeyo mu mukwano ogw’ekimmemmette —obufumbo —bufuuka kifaananyi kya Katonda omutonzi w’obulamu

## Katonda Mwesigwa

Katonda mwesigwa (1 Kol 1:9). Kitegeeza nti tusobola okumwesiga mu mbeera zonna. Ye asigala, era ayimiridde ku Kigambo kye. Tayabulira, so era nga abeerawo emirembe gyonna. Enneeyisa eno eri mu bufumbo.

Obufumbo bulina okuba ekifaananyi ky’obwesigwa bwa Katonda. Omusajja omufumbo alina okuba omwesigwa eri mukyala we: mu by’ensimbi, mu nkolagana, mu by’okwegatta, ne mu by’omwoyo. Amaanyi ge alina kugamalira ku kulaba nga mukazi we abeera bulungi era nga balina enkolagana. Kino omusajja alina okukikola mu mbeera ennungi ne mu mbi. Eno y’ensonga lwaki buli muntu afumbirwa alina okusuubiza okwagala mu nnaku ennungi ne mu mbi, okwagala okutuusa okufa lwe kulibawukanya. Olwokuba Katonda mwesigwa era tatuleka, ekifaananyi kye, obufumbo, bulina okulaga kino.

Emikutu gy’amawulire gitaddewo endowooza nti obufumbo butono ddala obuwangaala okuusa ku kufa kw’omu, naye kino si kituufu. Ekituufu kiri nti nti obufumbo obusinga buba bwa bulamu bwonna, ne mu bantu b’amawanga g’abazungu. Ekigendererwa kya Katonda ekyali emabega wa buli bufumbo bwonna kyali nti bwali bwa kuba kifaananyi kya bwesigwa bwe.

Ensonga eri nti abantu babeere n'obulamu obw'obwesigwa era obw'okwewaayo eri ekigendererwa eky'essanyu n'okukulaakulanira awamu, so si kugumira bugumizi wamu kwokka. Obwesigwa obw'ekika kino buleetera abantu okuba n'obukuumi wamu n'amaka ageesigika. Abaana balina okukula nga balina obukakafu mu bujjuvu nti buli lwe banadda awaka bajja kusanga maama ne taata essaawa yonna, ka babe nga balina emyaka ebiri, amakumi abiri oba amakumi ana. Ekigendererwa kya Katonda kiri nti abazadde babeere empagi ennywevu mu nsi oluusi erabika ng'etiisa ate era nga terina butebenkevu. Mu ngeri eno, abazadde bafuuka ekifaananyi ky'obwesigwa bwa Katonda.

## Katonda Asonyiwa

Bayibuli etutegeeza enfunda n'enfunda nti Katonda ye Katonda asonyiwa. Kino tukiraba okuva mu kitabo ekisooka okutuukira ddala ku nkomerero. Adamu ne Kaawa bwe baali balidde ekibala ekyagaanibwa, Katonda yabatuukirira si kusala musango wabula okuzzaawo enkolagana.

> *Mukama Katonda n'ayita omusajja n'amugamba: nti, "Oli ludda wa?" N'addamu nti, "Mpulidde eddoboozi lyo mu lusuku, ne ntya, kubanga mbadde bwereere; ne nneekweka." N'ayogera nti, "Ani yakubuulira nti obadde bwereere? Olidde ku muti gwe nnakulagira obutalyangako?" (Lub 3:9-11)*

Mukama yayita Adamu, newankubadde nga yali amanyi wa weyali. Yayita kubanga yali ayagala nkolagana, wadde nga Adamu yali amaze okwonoona. Adam yamuddamu nti yali yeekwese kubanga yali bukunya. Katonda yalowooza nti Adamu

alabika bulungi mu butonde bwe, naye yagenda mu maaso n’okubuuza oba yali alidde ku muti mu nnimiro. Kino kyali kiwa Adamu okutwala obuvunaanyizibwa olw’ebikolwa bye, okuyitibwa okufuna okusonyiyibwa. Naye mu kifo ky’okukkiriza obuvunaanyizibwa, Adamu yassa omusango ku Katonda ne ku Kaawa. Ebyavaamu byali binene nnyo, era Katonda yabagoba okuva mu Lusuku Adeni.

Oyinza okwebuuza nti kino kiraga kitya okusonyiwa kwa Katonda? Ekintu kye tusooka okusoma kiri nti Katonda teyabakolimira wabula yagenda mu maaso n’okubayamba: “Mukama Katonda yakolera Adamu ne mukazi we ebyambalo eby’amaliba n’abambaza” (Lub 3:21).

Era tuyiga ne ku kisuubizo kye eky’okuzzaawo embeera nga bwe yali. Ku lunaku olwo omusota gwalimba abantu, naye olunaku lumu ekintu ekikontana n’ekyo kyali kyakubaawo. Olunaku lumu Kaawa alifuula omusota omusiru. Okuva ku lunaku lwe baagwa mu mutego omusota gwe gwateega ne balya ekibala, Katonda yalagula nti olunaku lwali lugenda kutuuka muzzukulu wa Kaawa lwaliggya obuyinza ku musota. Tewali kubuusabuusa nti omusota guno ye Setaani. Oluvannyuma lw’emyaka mingi, muzzukulu wa Kaawa, Yesu, ye yawangula amaanyi n’abakulembeze b’ensi ez’omwoyo, n’abawangulira ku musaalaba (Bak 2:15). Katonda yajja mu mubiri gwa Yesu n’awaayo obulamu bwe, buli muntu yenna amukkiriza aleme okuzikirira wabula afune obulamu obutaggwaawo (Yokaana 3:16). Naye kino kikwatagana kitya n’obufumbo?

Obufumbo bulina okuba ekifaananyi kya Katonda ow’okusaasira. Emirundi egisinga tusobola okweyisa obulungi n’okulaga ekifaananyi ekirungi mu kkanisa ne ku mulimu, naye

awaka buli kimu kivaayo. Okutya, okweraliikirira, n'obutaba na buvumu bibikkulwa mangu mu kitangaala ky'okubeera kwaffe awamu. Bwe wabaawo amanyi obunafu bwaffe, ye mukyala oba omwamiwo n'abaana baffe. Buli omu alumya munne mu bigambo ne mu bikolwa, ne bwe kiba nga si kigenderere oba nga tetukimanyi. N'olwekyo mu bufumbo okusonyiwa kwetaagisa nnyo, anti waliwo n'emikisa mingi egy'okusonyiwa. Katonda ky'ayagala kwe kuba nti okusonyiwa kubeerawo mu bufumbo. Ekigendererwa kiri nti abaana balabe okusonyiwa kuno wakati wa maama ne taata. Balina okuyiga engeri okusonyiwa gye kukolamu ku njuyi zombi akosezza n'akoseddwa. Era bo bennyini balina okulega ku kusonyiwa n'ekisa mu bungi.

Abazadde n'abafumbo balina okubeera ekifaananyi ekiramu ekya Katonda asonyiwa.

## Katonda Kwagala

Ekimu ku bintu ebikulu ebiraga Katonda mu Bayibuli kwe kuba nti Katonda kwagala. 1 Yokaana 4:8 wagamba nti Katonda kwagala. Okwagala Kuno kukola, kwamuyiika, era kwa lubeerera. 1 Abakkolinso 13 ewa ennyinyonnyola y'engeri okwagala gye kulabika era n'okukola kwakwo. Kya lwatu nti okwagala tekusobola kukolebwa nga omuntu ali omu yekka. Okwagala okw'amazima era okulamu kwetaagisa abantu babiri oba okusingawo. Okwagala kulina okutwalibwa okuva ku muntu omu okugenda eri omulala, okuva eri Katonda okugenda eri muntu, oba okuva eri omuntu okudda eri Katonda. Kiba kya bulabe okweyagala wekka. Abayonaani ab'edda kino baali bakitegeera. Narcissus bwe yeeraba ekifananyi mu mazzi, yakyagala nnyo n'alekeraawo okulya n'okunywa. Yatuuka n'okufa nga akyeetunuulira yekka.

Okwawukana ku kino ekiragiro kya Baibuli eky'okwagala kirimu ebituundu bibiri: okusooka okwagalanga Katonda n'omutima gaffe gwonna n'oluvannyuma okwagalanga muliraanwa waffe nga bwetweeyagala (Mat 22:37–40). Katonda kwagala. Kino kye kimu ku kikula kya Katonda ekyolubeerera ekyaliwo edda ennyo nga abantu tebannatondebwa. Okwagala okwa nnamaddala kwe kugatta enneewulira, okusalawo, n'okukola.

Olw'okwagala yatonda buli kitonde asobole okugabana okwagala kwe nabyo, naddala abantu. Katonda yali kwagala bwe yali nga tannatonda bantu. Kino kyali kisoboka kubanga Katonda ali mu busatu: Kitaffe, Omwana, n'Omwoyo

Omutukuvu, abewaddeyo okwagalana wakati waabwe. Obufumbo kifaananyi eky'okwagala kuno okulamu.

Adamu ne Kaawa bombi baatonderwa buli omu okwagala n'okwagalibwa munne. Tekyali kya kukoma ku kwagalana kwokka. Okwagala kwa Katonda gyebali kwatuukirizibwa nabo bwe bazaala abaana. Abaana bano baalina okufuna okwagalibwa. Omuntu yenna eyazaala abaana amanyi enkwatagana ey'amaanyi eri wakati w'abaana n'abazadde. Abaana ba Katonda bonna Katonda abaagala kyenkanyi. Tuyita mu kintu kye kimu bwe tufuna abaana. Tulina okwagala kwotayinza kugamba nti kugenda kukendeera buli lw'ozaala omwana. Wabula, okwagala kweyongera bungi eri buli mwana lw'azaalibwa, era buli omu ayagalibwa mu bujjuvu. Kino kiraga nti ddala okwagala tekuliiko kkomo. Okwagala okwa nnamaddala tekukoma ku bantu babiri abali mu mukwano naye kweyongera ne kutuuka ne mu kutondebwa kw'abaana.

Mu ngeri y'emu nga buli muntu bw'atondebwa olw'okwagala kwa Katonda, ekigendererwa era kyali nti buli mwana yali ajja kufunibwa okuva mu mukwano ogugabanibwa wakati w'omusajja omu n'omukazi omu, omusajja n'omukazi abaagala omukwano gwabwe guleme kukoma ku bo bokka. Katonda yateekateeka nti okwagala kwabwe kwalina okukula nga bafunye abaana ab'okwagala. Ekigendererwa kye kyali nti kino kyali kyakubeerewo emirembe n'emirembe. Okwagala maama ne taata kwe balina eri bokka na bokka era n'eri abaana baabwe kwali kwa kuba kifaananyi ekirabika ekya Katonda - Okwagala Okw'amazima.

Ffenna twatondebwa nga tulina ekyetaago eky'okwagalibwa. Eky'ennaku, wadde nga Katonda atwagala mu bujjuvu era nnyo

nnyini ddala, abantu bangi tebafuna mukisa kulegako ku kwagala okw’engeri eyo. Ekyetaago kino ekyatondebwa munda mu ffe kiba kikaaba era nga kyagala okumatizibwa. Bwe tutakkiriza Katonda kumatiza kyetaago kino, tuyinza okwanguwa okunoonya abantu abalala okujjuza omuwaatwa obuli munda mu ffe. Okuyingira obufumbo olw’okuba oyagala nnyo okwagalibwa, kivaamu obulumi bungi kubanga tewali muntu yenna asobola kujjuza “ttanka ya mukwano” gyetulina. Tulina okusooka okufuna okwagala kwa Katonda, olwo nno oluvannyuma lwe tusobola okwagala obulungi munnaffe mu bufumbo n’okufuna okwagala kwe.

Obufumbo bugendererwamu okuba ekifaananyi ekiraga Katonda bw’ali. Tumaze okulaba engeri gye bulagamu ebimu ku biraga Katonda eby’enjawulo. Obufumbo obunywevu obulaga embala ya Katonda eno buba kifaananyi ky’Omutonzi wa byonna. Ekyo kikulu nnyo ddala!

# 5.
# Akabonero

Tumaze okulaba engeri obufumbo gye buli omusingi gw’embeera y’abantu, enkolagana, endagaano, n’ekifaananyi. Kati tugenda kulaba engeri obufumbo, n’okusingira ddala embaga gye biri ebikulu mu nteekateeka ya Katonda ey’okununula abantu. Oyinza okuba nga wakiraba dda, naye Baibuli etandika na mbaga era n’ekomekkereza n’embaga. Ebyafaayo bya Katonda byonna ebikwata ku nsi yaffe n’obuntu bitandika era ne bimalirizibwa ku mbaga z’obugole. Mu ntandikwa, tulina Adamu ne Kaawa nga bagattiddwa wamu, era ku nkomerero, wajja kubaawo embaga ennene ey’Omwana gw’endiga mu ggulu. Okusobola okukakasa nti tetwerabira mulamwa guno, Katonda yateeka ekitabo Oluyimba lw’Enyimba, emboozi y’okwagala wakati w’omwami n’omukyala we, wakati ddala mu Baibuli, wakati w’emboozi zino ebbiri ez’embaga.



Obukulu bw’embaga bweyongera okukakasibwa Yesu bwe yakola ekyamagero kye ekyasooka mu kiseera ky’embaga (Yokaana 2:1–12). Yasalawo okutandika obuweereza bwe obw’olukale ng’akyusa amazzi okufuuka omwenge embaga esobole okugenda mu maaso. N’ekyamagero ekyo, era yeesongako nga ye mugole omusajja ku mbaga ennene (Kub 19:7). Mazima ddala sirowooza nti kino kyali kya butanwa, wabula kyali akabonero ek’enkukunala akalaga nti Ye, ebitonde byonna gwebyali birinze, yali azze —oyo ajja okudda amangu

n’akuŋŋaanya abo ababe ku mbaga y’Omwana gw’Endiga ku nkomerero y’emirembe.

Nga bwe nnagambye, obufumbo kifaananyi kya Katonda, naye era bulaga era bunnyonnyola enkolagana eri wakati w’ekkanisa ne Kristo. Abaefeso 5 eraga nti: ”Abaami, mwagale bakazi bammwe, nga Kristo bwe yayagala ekkanisa n’awaayo obulamu bwe ku lwaayo” (olunnyiriri 25) Ekisinga okulaga enkolagana wakati w’obufumbo ne Kristo n’ekkanisa kwe kuba nti omusajja n’omukazi mu bufumbo bayitibwa omubiri gumu. Kino kabonero ak’ekintu ekitannaba kubaawo era ekijja okubaawo ku lunaku lw’embaga mu ggulu (Kub 19:7). Katonda bw’alaga Yokaana by’ategese okubaawo ku nkomerero y’ensi eno, abiragira mu kifaananyi kya mukolo gwa mbaga. Tusobola okusoma ku kino mu kitabo eky’Okubikkulirwa essuula 19:6-9:

> *Ne mpulira ng'eddoboozi ly'ekibiina ekinene, era ng'eddoboozi ly'amazzi amangi, era ng'eddoboozi ly'okubwatuka okw'amaanyi, nga byogera nti Aleruuya: kubanga Mukama Katonda waffe Omuyinza w'ebintu byonna afuga. Tusanyuke, tujaguze, tumuwe ekitiibwa ye: kubanga obugole bw'Omwana gw'endiga butuuse, ne mukazi we yeeteeseteese. N'aweebwa okwambala bafuta entukuvu ennungi: kubanga bafuta eno bye bikolwa eby'obutuukirivu eby'abatukuvu. N'aŋŋamba nti Wandiika nti Baweereddwa omukisa abayitibwa ku mbaga ey'obugole bw'Omwana gw'endiga. N'aŋŋamba nti Ebyo bye bigambo eby'amazima ebya Katonda (Kub. 19:6-9).*

Ennyiriri zino zitugamba nti waliwo embaga ey’ekitalo ejja mu maaso. Kwe kujaguza okunene era okw’essanyu okusinga kwonna okwali kulabiddwa. Ku ku lunaku olwo, abagole —Kristo n’ekkanisa —bafuuka omu. Okufuuka kwabwe omu

kweyoleka bulungi kubanga ekkanisa, eyali eyogerwako ng'omugole okutuusa kw'olwo, kati eyitibwa omukyala (Kub 21:9).

Embaga kwe kujaguza okw'essanyu eryokuntikko, mu kitundu kubanga buli mbagaekyusa ekitiibwa oba omutendera gw'abagole okuva mu kitiibwa ekimu oakudda mu kirala. Abantu babiri ab'enjawulo bagattibwa wamu mu bufumbo. Batuuka nga ssekinnoomu ne bavaawo nga bafumbo, kye tulabye okuva mu ssuula eziyise. Embaga eno eraga enkyukakyuka okutuuka ku kufuuka abafumbo, n'embaga ennene eyogerwako mu kitabo ky'Okubikkulirwa y'enkyukakyuka ennene esembayo. Awo lwe walibaawo enkomerero y'ennaku n'okubonaabona. Olwo ffe tujja okugattibwa ne Katonda, era tujja kumulaba bulungi era tutambule naye. Mu mbaga z'oku nsi, tujaguliza abantu babiri abalonzeewo okwewaayo eri bannaabwe obulamu bwabwe bwonna. Mungeri eyenjawulo, buli ayanirizibwa ku mbaga akkiriza okujja. Mu mbaga, abantu okuva mu maka abiri ag'enjawulo basisinkana, balya emmere ewooma, era nebasanyukira wamu. Nga tulina ekirowoozo kino, njagala okukkaatiiriza akatundu akamu mu bbaluwa ya Pawulo eri Abaefeso gye nnayogeddeko emabegako.

> *"N'olw'ensonga eno omusajja agenda kuleka kitaawe ne nnyina era begattira wamu ne mukazi we, era bombi balifuuka omubiri gumu." Kino kyama kya maanyi nnyo – naye njogera ku Kristo n'ekkanisa. (Bef 5:31,32)*

Mu nnyiriri zino, Pawulo awandiika ebikwata ku bufumbo n'enkolagana Yesu gy'alina n'ekkanisa. Ekyama kino kiyinza okuba ekizibu okukitegeera. Enkolagana y'omwami ne mukyala

we ennyonnyoddwa bulungi, naye n’enkolagana ya Kristo n’ekkanisa eragibwa. Nga Kristo bw’ali omu n’ekkanisa, n’omwami bw’alina okuba ekimu ne mukyala we. Nga Kristo bwe yayagala ekkanisa n’awaayo obulamu bwe ku lwayo, n’omwami bw’alina okwagala mukyala we. N’olwekyo, Kristo kyakulabirako eky’engeri obufumbo gye bulina okutambulamu. Kale olwo, obufumbo obutambulira mu ngeri eno bufuuka obulangirira Kristo. Buba kifaananyi kya Katonda eky’amaanyi. Oludda luno olw’eggulu, obufumbo, n’amaka bye bisinga okulaga mu butufu embala ya Katonda ali mu busatu ey’omukwano, enkolagana, n’okwagala! Obufumbo si kifaananyi kyokka ekya kino, naye era kabonero akalaga nti Katonda waali era nga waliyo n’embaga esembayo egenda okujja. Tekyewuunyisa nti obufumbo bulumbibwa!

Yesu ayogerwako era naye yeeyita omugole omusajja (Mat 9:15; Yokaana 3:29). Nga bwetwagambye, ekkanisa eyitibwa omugole (kye twakasoma mu Abaefeso 5 n’Okubikkulirwa 19). Naye waliwo n’ekisinga kw’ekyo. Olunaku lw'embaga y’Omwana gw’Endiga lulaga okuzikirira kwa Setaani. Olwo lw’alisuulibwa mu kinnya eky’okubonerezebwa okw’olubeerera. N’olwekyo buli mbaga eba kabonero ak’embaga ennene egenda okubaawo mu ggulu olunaku lumu. Buli mbaga ejjukiza nti Yesu ajja kudda. Kino bwe kiribaawo, ennaku z’obubi ziriba zikomye, n’omulabe aliba asuulibwa mu bunnya. Okusinziira ku kino, nsobola okutegeera engeri ebikujjuko by’embaga eby’essanyu n’obufumbo obw’amaanyi bwe binyiiza Setaani. Buli mbaga kabonero akalaga nti olunaku lw’embaga y’Omwana gw’Endiga lunaatera okutuuka.

Mu mwaka gwa 2020 gwokka, abaagalana 245,000 be baafumbiriganwa mu Bungereza, ate mu Amerika baali akakadde kamu n’emitwalo nsanvu, so nga ate mu Buyindi kiyinzika okuba nga baali obukadde nga kkumi. Okutwalira awamu, buli mwaka waliwo obubonero bungi obw’okudda kwa Yesu.

## Okusasika kw’obufumbo ng’akabonero k’ebiseera eby’enkomerero

Mu ngeri endala obufumbo era kabonero akalaga ebiseera eby’enkomerero. Mu kitabo kya Danyeri, tusoma ebikwata ku kirooto kya Kabaka Nebukadduneeza (Dan 2). Kino kyali kirooto kya bunnabbi si ku bya bwakabaka bwe byokka naye era ku by’obwakabaka obwali bugenda okujja. Yalaba ekibumbe ekinene—ekibumbe ekinene ennyo, ekiwuniikiriza, nga kirabika bulungi nnyo. Omutwe gw'ekibumbe gwakolebwa mu zaabu omulongoofu; ekifuba n’emikono gyakyo byakolebwa mu ffeeza; olubuto n’ebisambi byakyo byali bikoleddwa mu kikomo; amagulu gaakyo gaali gakoleddwa mu kyuma; n’ebigere byakyo byali bikoleddwa ekitundu kya kyuma n’ekitundu kya bbumba erifumbiddwa. Oluvannyuma mu kirooto, tusoma nti ebigere byabetentebwa era ekibumbe kyonna ne kigwa. Ekibumbe kyamenyekamenyeka mu butundutundu obutonotono bungi obwabulira mu mpewo era nga tebukyasobola kulabibwa.

Danyeri ng’ayambibwako Katonda, yasobola okuvvuunula ekirooto ekyo. Kyali kikwata ku bwakabaka bwa Nebukadduneeza n’obwakabaka obwali bugenda okusituka oluvannyuma lw’okufa kwe. Mu lunyiriri 43, tusoma nti ekyuma ekitabuddwa n’ebbumba kifaananyi eky’embeera y’obufumbo

mu bwakabaka obunene obusembayo. Danyeri annyonnyola nti: ”Nga bwe walaba ekyuma nga kitabuddwa n'ebbumba eryokye, balitabula n'ensigo z'abantu; naye tebajja kunywerera ku bannaabwe, ng’ekyuma bwe kitatabulwa na bbumba.” Kino kinyonnyola ekiseera ng’obufumbo bujja kugibwaawo. Obubaka obw’obunnabbi bwe buno nti ekiseera bwe kirituuka ng’obufumbo n’amaka tebikyali bifo omulu emirembe, olwo ekibiina ky’abantu n’obwakabaka bijja kugwa. Obwakabaka bulimalibwaawo. Danyeri agenda mu maaso n’okunnyonnyola nti: ”Mu kiseera kya bakabaka abo, Katonda w’eggulu aliteekawo obwakabaka obutalizikirizibwa, era talibulekera bantu balala. Buli kuba n’okusaanyaawo obwakabaka obwo bwonna, naye bwo bwennyini bujja kubeerawo emirembe gyonna.” Dan 2; 44

Kino kikwata ku ddi Katonda lw’aliddamu okussaawo obwakabaka bwe. Kino kiribaawo Yesu bw’alikomawo nateekawo eggulu eriggya n’ensi empya (2 Peet 3:13). Ekiseera ng’embaga ennene tennabaawo, embaga y’Omwana gw’Endiga, kiriba ekiseera ng’abafumbo tebakyabeera wamu obulamu bwabwe bwonna. Kye kiseera abaagalana lwe baliba nga buli omu takyafa ku munne. Tusanga ekigambo eky’obunnabbi ekifaananako bwe kityo ekikwata ku kusasika kw’obufumbo ng’akabonero k’ebiseera eby’enkomerero mu Ndagaano Empya. Mu 1 Timoseewo 4:3, tusoma nti, ku nkomerero, baliba bawera okufumbiriganwa. Mazima ddala, kigamba nti bajja kugaana abantu okuwasa. Kiringa ekiraga nti obufumbo bwakwerabirirwa ddala.

Oyinza okwewuunya lwaki kano ke kamu ku bubonero obw’ebiseera eby’enkomerero. Nga bwe mbalaze emabegako,

obufumbo bwonna kifaananyi kya Katonda, era si kya kyewuunyo okulowooza nti omulabe akola butaweera okumenya obufumbo bungi nga bwe kisoboka. Tayagala kintu kyonna kiraga Katonda wadde obubonero obw'embaga esembayo. Embaga n'obufumbo bubonero obulaga okubeerawo kwa Katonda n'okuba nti Katonda y'alina amaanyi gonna, era Katonda ow'okwagala ajja okuzzaawo obuluŋŋamu ku Nsi. Kino kitutwala mu ssuula eddako, Obufumbo Lutalo.

# 6.
# Olutalo

Tutuuse ku nsonga ey’omukaaga era esembayo ku kiki obufumbo kyebuli. Ebitaano ebisooka byali amatofaali agazimba engeri abantu gyebabeeramu, enkolagana, endagaano, ekifaananyi, n’akabonero. Obufumbo era lutalo. Mu bufumbo obumu, wabaawo okulwana okutaggwaawo olw’okwegomba kw’abafumbo bano okw’enjawulo. Okulwana okw’ekika kino wakati w’abantu ababiri tekwali kigendererwa kya Katonda. Ekitabo kino kiri ku kigendererwa ky’obufumbo ekyasooka n’olwekyo essira kiriteeka ku kiki obufumbo kye busobola okuba! Obufumbo si lutalo ku mufumbo, naye ku lw’omufumbo! Okulwanirira obufumbo bwammwe nalwo lutalo okukuuma ekifaananyi kya Katonda nga kitegeerekeka bulungi nga bwe kisoboka. Olwokuba buli bufumbo mu nsi bulina obusobozi okulaga ekifaananyi eky’amaanyi ekya Katonda, omulabe ayagala okubuzikiriza mu bungi nga bwe kisoboka. Nga



bwetulabye, buli mbaga na buli lunaku olw’okujjukiza embaga luba lujjukiza okusemberera kw’embaga y’Omwana gw’Endiga era nti ennaku za Setaani mbale.

Kye ntegeeza nga njogera ku bufumbo ng’olutalo kiri nti obufumbo kitundu ku lutalo olw’omwoyo olugenda mu maaso mu nsi eno.

Setaani abadde akola okusaanyaawo obufumbo n’okwawukanya abafumbo okuva ku ntandikwa y’ebiseera.

Yagezaako okusaanyaawo obufumbo obwasooka, obwa Adamu ne Kaawa. Omusota gwali mu lusuku nabo, era nzikiriza nti gwali gwabasisinkana dda nga n’olunaku lwe baalya ekibala terunnatuuka. Osanga guno si gwe gwali omulundi ogusoose okuwulira omusota nga gwogera. Singa baali tebalabangako musota gwogera, olowooza bandiguwulirizza yadde okugukkiriza? Nze nkibuusabuusa ekyo, naye omusota guno gwayogera n’omukazi. Yali akimanyi nti kyali kyangu okubatega singa yali asobola okubawulamu n’ayogera eri omu ku bo—obukodyo bw’akozesa n’abafumbo okuva olwo. Kyatandika n’ekibuuzo, ekyaleetera Kaawa okutandika okubuusabuusa Katonda. Oluvannyuma obulimba bwajja, era Kaawa n’amatira. Adamu yali ludda wa? Kiringa ekirabika nga yali kumpi, naye Setaani teyamusemberera. Adamu ku lulwe teyayingira mu nsonga kuwakanya naye n’akkiriza eby’omusota okusendasenda kwa Kaawa.

Nsobola okulowooza ku kamwenyumwenyu Setaani keyafuna bwe yakizuula nti baali bamaze okulimbibwa. Amangu ago, engeri ye yatandika okukola mu bo. Ekyabaleetera okweyawula ne beekweka okuva ku Katonda. Adamu yaddamu atya Katonda bwe yamubuuza kye yali akoze? Yanenya Katonda ne Kaawa: ”Omukazi gwe mwateeka wano nange—ye yampa ku bibala by’omuti, ne ndya .” ( Olub 3:12 ) Adamu, Kaawa, ne Katonda baali tebakyali ttiimu ekolera wamu.

Okumenyeka kw’obufumbo obwasooka kwali kwa ddala. Ensonyi n’obuteesigaŋŋana byali biyingiddewo. Waliwo ekyabaawo ku lunaku olwo ekyabaleetera obutaba na mirembe wadde obutebenkenvu mu makkati gaabwe. Kaawa yeebuuza nti, “Ddala nsobola okwesiga Adamu mu biseera ebizibu?” Kino

Setaani ky’agezaako okukola mu buli bufumbo. Anoonya okubaawukanya, okubatega, okubalimba, okubakya, okuleeta obuteesigaŋŋana, n’okubaleetera okulowooza nti Katonda oba munne mu bufumbo y'avunaanyizibwa olw’ebintu okuba nga tebitambula bulungi.

Kikulu okumanya nti Adamu ne Kaawa tebaayawukana, wadde nga kino kiyinza okuba nga kye kyali ekigendererwa kya Setaani. Kyokka, baatandika okunenyagana. Ekibi kyabwe kyalina ebyakivaamu ebikosa abantu bonna, era baatuuka n’okulaba mutabani waabwe Kayini ng’atta muganda we. Bangi baawukanye mu bufumbo olw’ensonga zitatuuka na ku zabwe.

Olutalo ku bufumbo lukyagenda mu maaso. Lutalo oluwakanya ekifaananyi kya Katonda ku nsi. Luno lwe lutalo olw’omwoyo lw’osanga mu kitabo ky’Olubereberye 3:15 awagamba nti “Era nditeeka obulabe wakati wo [omusota] n’omukazi, era wakati w’ezzadde lyo n’erirye.” Olutalo luno lugenda mu maaso n’amaanyi mu maka ne mu mitima gya buli muntu mufumbo. Buli omu ku ffe ali mu lutalo olw’omwoyo. Eky’okuba nti waliwo olutalo olugenda mu maaso mu bufumbo bwo kiyinza okuba nga tekimanyiddwa gy’oli, naye nzikiriza nti olutalo olutukosa ennyo si lwe lw’okulwanira amakanisa, ebyalo, oba amawanga, wabula lutalo ku bufumbo n’amaka go. Olutalo luno lwa ddala, oba ggwe olwenyigiramu oba nedda. Teruvaawo ne bwewekozesa ng’olutaliwo. Adamu teyenyigira mu lutalo omusota bwe gwagezaako okumatiza Kaawa okulya ebibala okuva ku muti ogwagaanibwa, era ebyavaamu byali bya nnaku nnyo.

Ka mbaleetere essuula mu kitabo ky’Okubikkulirwa eyogera obulungi ku kino. Eyogera ku lutalo mu ggulu olwaggwa nga

Setaani agobeddwa era n’asuulibwa ku nsi. Kino kyamunyiiza nnyo, n’atandika okulwanyisa buli kintu ekifaanana ne Katonda, naddala abalonde be:

> *Awo ne wabaawo olutalo mu ggulu: Mikayiri ne bamalayika be ne balwana n’ogusota; ogusota ne bamalayika be ne balwana.Naye ne batasinga, so n’ekifo kyabwe ne kitabalabikira nate mu ggulu.Ogusota ogunene n’asuulibwa wansi, ogwo musota ogw’edda, gwe bayita Omulyolyomi ne Setaani, akyamya ensi yonna; n’asuulibwa wansi ku nsi, ne bamalayika be ne basuulibwa wansi wamu naye.(Kub 12:7–9).*

Gano si mawulire malungi eri omuntu yenna abeera ku nsi. Tugenda mu maaso okusoma nti: ”Naye zisanze ensi n’ennyanja, kubanga Setaani asse gye muli! Ng’ajjudde obusungu bungi, kubanga amanyi nti asigazza akaseera katono.” ( Kub 12:12 ) Omusota bwe gwasuulibwa ku nsi, gwayigganya omukazi (Kub 12:13), gwasunguwalira nnyo omukazi, ne gugenda okulwana n’ezzadde lye erayasigalawo, abo abakwata ebiragiro bya Katonda era abalina obujulirwa bwa Yesu Kristo (Kub 12:17). Si kugamba nti Setaani tannyiigidde nnyo bantu n’ebintu ebitusongera ku Katonda — ajjudde obusungu bungi nnyo! Yesu atugamba nti ajja mu busungu bwe okubba, okutta, n’okuzikiriza (Yokaana 10:10).

Buli mbaga eba ejjukiza nti obudde bwa Setaani bumpi okusinga olunaku oluba luyise. Eba kijjukizo olw’okusalirwa omusango ogutaggwaawo okumulindiridde. Kino tekimufuula wa kisa. Buli mwaka bwe tukuza emyaka gyaffe egy’obufumbo, tuba nga abanyoolera ekiso mu mutima gwe. Kino akikyawa. Eno y’ensonga lwaki buli bufumbo kitundu ku lutalo olw’omwoyo. Nsonga ya bulamu na kufa.

Bayibuli eyogera ku lutalo luno olw’eby’omwoyo: “Kubanga okulwana kwaffe kuli si ku nnyama na musaayi, wabula ku bafuzi, ku ba ab’obuyinza, nga bawakanya amaanyi g’ensi eno ey’ekizikiza era nga bawakanya amaanyi ag’eby’omwoyo ag’obubi mu nsi ez’omu ggulu.” (Bef 6:12) . Kino kiyinza okulabika ng’olutalo olugenda mu maaso ewala naffe, naye eyo si y’emboozi yonna.

Baibuli ennyonnyola bw’eti olutalo luno olw’omwoyo: “Kubanga tetulwana na mubiri na musaayi, wabula tulwana n’abafuzi, n’ab’obuyinza, n’amaanyi ag’ensi eno ey’ekizikiza, n’emyoyo emibi egy’omu bifo eby’omu ggulu.” (Abaefeso 6:12) Kino kiyinza okulabika nga olutalo olugenda mu maaso oluli ewala ennyo okuva gye tuli, naye kisingako awo.

Newankubadde olutalo lwa mwoyo, lweyolekera mu bulamu bwaffe obwa bulijjo nga tuli wamu. Kyandiba nti, mu bufumbo ne mu maka, olutalo olw’omwoyo we lusinga okuba olw’amaanyi.

Setaani ayagala okubba omukwano ogw’ekimmemmette oguli wakati wo ne munno. Ayagala okutta essanyu lyammwe n’okuzikiriza omukwano gwammwe. Bw’asobola okutabula okwagala kwammwe, ajja kusanyuka. Bw’asobola okukukema n’onoonya okwagala okuva awalala nga si na munno, olwo aba musanyufu. Ekigendererwa kye kwe kusobozesa abafumbo okulemererwa olwo bawukane.

Olutalo luno lukwata ku kintu ekinene ennyo n’okusinga ku by’obufumbo bwo nga omuntu. Lwe lutalo wakati wa Katonda ne Setaani. Obufumbo bwo ky’ekimu ku bifo omulwanirwa olutalo luno. Okuwangula olutalo luno ng’oli wamu ne Katonda

mu bufumbo bwo ne mu maka go kitegeeza nti oli ku ludda lw'omulimu Katonda gw'akola okununula abantu bonna. Tekuleeta buleesi mirembe na ssanyu eri amaka go gokka, wabula era kugalaga okusigala nga kifaananyi kya Katonda, ekyeyongera okulangirira okudda kwa Yesu. Kkiriza nkulage mu bufunze ebitundu bisatu eby'olutalo luno:

Ekisooka, luno lutalo olweyolekera mu bintu ebitono eby'obulamu obwa bulijjo, nga engeri gye twogeramu ne banaffe, ne mu ngeri gye tuyimusaamu bannaffe oba gyetubannyikamu.

Eky'okubiri, luno lutalo lwa bintu ebinene. Nga bwe nkyogeddeko, si lwa bafumbo bokka, wabula era lutalo olunene ennyo olw'okuggyawo ekitiibwa kya Katonda n'okuzikiriza abantu Katonda b'ayagala. Abafumbo bwe bayita mu biseera ebizibu mu bufumbo bwabwe, si nsonga yaabwe bokka; kiraga nti nabo kitundu mu lutalo olunene ennyo. Luno lwe lutalo wakati w'obulungi n'obubi. Munnange mu bufumbo si ye mulabe wange; omulabe wange ye Setaani. Kyokka ekigendererwa kyange si kwe kugamba nti Setaani yalina okuvunaanibwa buli butakkaanya oba buli bulumi obuba mu bufumbo. Tulina okuba n'obuvunaanyizibwa ku bikolwa byaffe ffe bennyini. Ensonga yange eri nti buli bufumbo kitundu ku lutalo olw'omwoyo olugenda mu maaso mu nsi eno, era kino kijja kukosa obulamu bwo.

N'ekisembayo, kino kiraga obukulu bw'okuba nti abafumbo basaanidde okusabira awamu. Abafumbo bangi babeera mu bulamu bwabwe nga tebamanyi nti waliwo olutalo olulwanyisa obufumbo bwabwe, n'olwekyo tekyanditwewuunyisizza nti abafumbo batono nnyo be basabira awamu. Okusabira awamu

ng’abafumbo nga musaba olw’obukuumi n’omukisa eri obufumbo bwammwe era nga musabiragana, kigonza emitima gyammwe ne kibaggulirawo obuyambi bwa Katonda, obwetaagisa nnyo. Yesu agamba mu Matayo 18:19 nti singa mmwe ababiri mukkiriziganya ne musaba ekintu, Kitange ali mu ggulu ajja kuddamu. Kino si kya kitalo? Obuyambi buli kumpi. Mu lunyiriri oluddako, tusoma ku kisuubizo ekirala ekikola singa abafumbo beegatta ne basaba: “Kubanga ababiri oba basatu we bakuŋŋaanira mu linnya lyange, nange mbeera eyo wamu nabo.” Singa Adamu ne Kaawa baali basemberaganye nnyo nga bali wamu era nga bali kumpi ne Katonda Kitaffe, olowooza omusota gwandyogedde ne Kaawa? Nze sikkiriza nti kyandibadde bwe kityo.

Mu ngeri ey’enjawulo, abanoonyereza abamu baakola okunoonyereza okulaba oba okusaba awamu ne munnaffe mu bufumbo era n’okumusabira kirina kyekikola ku nkolagana y’okwagala wakati w’abafumbo.[6-10] Baazuula nti abafumbo abasabira awamu era ne basabiragana kibabeerera kizibu okulabankana, babeera basanyufu, era beesigaŋŋana. Abafumbo abasabira awamu oluvannyuma lw’omu oba bombi okukosa munne, baali basonyiwagana mangu okusinga abo abatasabira wamu. Okunoonyereza kuno kwonna kulaga nti okusaba awamu ne munnaffe mu bufumbo era n’okumusabira kunyweza obufumbo bwammwe mu nnaku ennungi n’embi. Gano mazima ng’ekigambo kya Katonda bwe kiri.

# Okufundikira

Ekitabo kino kyogera ku kigendererwa kya Katonda n’enteekateeka ye eri obufumbo. Tulabye nti Bayibuli etandika era n’ekomekkereza na mbaga. Tulabye nti obufumbo ge matofaali agazimba omusingi gw’abantu mu bantu; nti buba nkolagana wakati w’abantu babiri ne Katonda; nti buba ndagaano, nga bunywezebwa Katonda era nga buli wamu ne Katonda, so si okupatana okugenda okumenyebwa amangu; nti buba kifaananyi kya Katonda n’empisa ze; nti buba akabonero akalaga okudda kwa Katonda n’okutandika obuggya okw’ensi okw’ekitalo. N’ekisembayo, obufumbo kye kimu ku bifo omulwanirwa olutalo olugenda mu maaso wakati w’obulungi n’obubi, wakati wa Setaani ne Katonda Omuyinza w’Ebintu Byonna. Essuubi lyange nga omuwandiisi w’ekitabo kino kwe kuba nti kati olaba nti obufumbo bulina ekifo kikulu mu nkola ya Katonda ey’okununula abantu era nti buli bufumbo, era bw’oba oli mufumbo, obufumbo bwo, Katonda abutegekedde ebigendererwa ebinene ennyo kubanga era mwetegefu okubuwagira n’okubukuuma buli lunaku okutuusa lw’alikomawo. Era ku lunaku olwo, kijja kutuukirizibwa.



*Abasajja, mwagalenga bakazi bammwe, era nga Kristo bwe yayagala ekkanisa, ne yeewaayo ku lwayo; alyoke agitukuze ng'amaze okugirongoosa n'okuginaaza n'amazzi mu kigambo, alyoke agyereetere yennyini ekkanisa ey'ekitiibwa, nga terina bbala newakubadde olufunyiro newakubadde kyonna ekifaanana nga bino; naye ebeere entukuvu eteriiko bulema. Era bwe kibagwanidde bwe kityo abasajja okwagalanga bakazi baabwe bennyini ng'emibiri gyabwe bennyini. Ayagala mukazi we yennyini, yeeyagala yekka: kubanga tewali muntu eyali akyaye omubiri gwe yennyini, naye aguliisa, agujjaajaba, era nga Kristo bw'ajjanjaba ekkanisa; kubanga tuli bitundu bya mubiri gwe. Omuntu kyanaavaaga aleka kitaawe ne nnyina ne yeegatta ne mukazi we; nabo bombi banaabanga omubiri gumu. Ekyama kino kikulu: naye njogera ku Kristo n'ekkanisa. Naye era nammwe buli muntu ayagalenga mukazi we nga bwe yeeyagala yekka; n'omukazi atyenga bba." (Abaef. 5:25-33)*

# Ebijuliziddwa (Endnotes)

1. Amato, P. (1996). (Intergenerational Transmission of Divorce). Journal of Marriage and Family, 58(3), 628-640. doi:10.2307/353723.

2. McDermott R, Fowler J, Christakis N. (2013). (Breaking Up is Hard to Do, Unless Everyone Else is Doing it Too: Social Network Effects on Divorce in a Longitudinal Sample). Social Forces; 92(2):491-519.

3. Gran, S. (2017). Det er slutt. Historier om løsrivelse). Aschehoug, Oslo.

4. Gottman, J. Silver, N. (1999). Seven Principles for Making Marriage Work). page245. Harmony Books, New York.

5. Eldredge, J. (2001). (Wild at Heart). Thomas Nelson, Nashville.

6. Fincham, F. D., Beach, S. R., Lambert, N., Stillman, T., & Braithwaite, S. (2008). (Spiritual behaviors and relationship satisfaction: A critical analysis of the role of prayer). Journal of Social and Clinical Psychology, 27(4), 362-388.

7. Fincham, F. D., Lambert, N. M., & Beach, S. R. (2010). (Faith and unfaithfulness: Can praying for your partner reduce infidelity?). Journal of Personality and Social Psychology, 99(4), 649.

8. Lambert, N. M., Fincham, F. D., LaVallee, D. C., & Brantley, C. W. (2012). (Praying together and staying together: Couple prayer and trust). Psychology of Religion and Spirituality, 4(1), 1.

9. Lambert, N., Fincham, F. D., Dewall, N. C., Pond, R., & Beach, S. R. (2013). (Shifting toward cooperative tendencies and forgiveness: How partner-focused prayer transforms motivation). Personal Relationships, 20(1), 184-197.

10. Fincham, F. D., & May, R. W. (2017). (Prayer and forgiveness: Beyond relationship quality and extension to marriage). Journal of Family Psychology, 31(6), 734.

# Ebikwata ku muwandiisi

**Rune Zahl-Olsen** mufumbo ne Agnes, abeera Norway, era alina abaana basatu abakulu. Ng'abafumbo, baweerezza nga abakulembeze b'ebitundu mu buweereza bw'amaka mu Norway munda Youth With a Mission okumala emyaka egisukka mu kkumi. Nga bali wamu babadde basomesa mu nkuŋŋaana z'amaka, mu nkuŋŋaana z'abafumbo ez'okuwummulamu, mu nkuŋŋaana z'obufumbo, ne ku wiikendi, awamu ne mu Family Ministry Schools mu University of Nations. Abaana baabwe bwebaali bakyali bato, baaweereza ng'abaminsani mu Philippines. Rune alina diguli ya PhD n'obumanyirivu obw'emyaka egiwerako ng'omusawo w'amaka n'abaagalana, era omunoonyereza mu mulimu guno. Awandiise empapula mu bya ssaayansi eziwerako ezikwata ku bufumbo n'okwawukana ezifulumiziddwa mu bitabo ebimanyiddwa ennyo. Awandiise ekitabo ekirala ekikwata ku bufumbo ng'oggyeeko kino.

Laba **zahl-olsen.com** okumanya ebisingawo.

# Ebikwata ku YWAM Family Ministries

Ekitabo kino kikuweereddwa aba YWAM Family Ministres International. Tusaba otunoonye era weegatte ku mutimbagano gwaffe ku ywam-fmi.org

Twagala okuwaayo ekitabo kino eri mmwe mwenna abaweereza mu nsi yonna nga amaka n'abafumbo mu YWAM. Mubeere n'amaanyi!

YWAM ekakasa obukulu bw'amaka okuweereza Katonda wamu mu buminsani, so si taata ne/oba maama yekka. Naffe okwaniriza okuyingizaamu amaka g'omuzadde omu. Tukubiriza okukulaakulanya ebitundu by'amaka ebinywevu era ebiramu, nga buli muntu mu maka agabana okuyita mu buwereza bw'obuminsani n'okuwaayo ebirabo byabwe mu ngeri ez'enjawulo era ezijjulizaganya. Tukkiriza era tunywerera ku ndowooza ya Baibuli nti ekigendererwa kya Katonda eky'obufumbo obutukuvu kiri wakati w'omusajja omu n'omukazi omu.

(Lub 2:21-24; Lub 18:17 19; Ma 6:6-7; Nge 5:15-23; Nge 31:10-

31; Mal 2:14-16; Mat 19:3-9; 1Ko 7:1-16; 1Ti 3:2-5; Beb 13:4)

Foundational YWAM Namba #15

"Mu mbaga zonna ze mbaddeko, okusoma kwa Baibuli bulijjo kunnyonnyola ku ngeri Katonda gye yassaawo obufumbo. Kino ddala kitegeeza ki, era kitegeeza ki gyendi n'obufumbo bwange? Rune Zahl-Olsen tawandiika ku ebyo byokka ebyeyoleka, naye era awandiika ku kigendererwa kya Katonda ekyebuziba mu kuteekawo obufumbo. Annyonnyola bulungi lwaki waliwo olutalo okwetoloola endowooza y'obufumbo n'okwetoloola obufumbo nga ekitongole mu bantu.

Ekitabo kino kyesigamiziddwa ku nzikiriza enkulu nti Baibuli kigambo kya Katonda gye tuli, era nti obufumbo Katonda yabuteekawo olw’ebigendererwa eby’enjawulo. Ekitabo kino kirungi okusomebwa omuntu yenna omufumbo, alowooza ku kwawukana, oba alowooza okufumbirwa."

Trond Seathren - YWAM Family Miniseries International



Rune Zahl-Olsen mufumbo ne Agnes era balina abaana basatu abato. Bakulembera Familiefokus (YWAM Family Ministries Norway) mu Agder, mu bukiikaddyo bwa Norway, era bamaze emyaka mingi nga basomesa mu nkuŋŋaana z’amaka ga YWAM, emisomo gya wiikendi, n’amasomero. Rune musawo wa famire era munoonyereza mu ddwaaliro ly’e Southern Norway. Muwandiisi w'empapula z'eby'ensoma eziwerako n'Obufumbo - Ekigendererwa kya Katonda n’Enteekateeka kye kitabo kye ekyokubiri.